


OKUSSA EKIMU

 ...mu mimiro gyange okuva mu, nkuŋŋaana kkumi na ttaano mu Arizona. Twabadde n'ekiseera ekirungi. Mukama waffe Yesu yatuwadde omukisa omuyitirivu, ogw'omuyiika. Baagezaako okukozesa akakodyo ka Mukama waffe, nzikiriza eyo, y'engeri entuufu ey'okukinnyonyolamu, nga bagenda batalaaga ekifo kyonna, okusooka. Nnagendayo nga wakyabulayo ennaku eziwerako, ne mbeera n'enkuŋŋaana nga kkumi oba kkumi na bbiri mu makanisa gonna amanene mu Phoenix, Sunnyslope ne Tempe ne Mesa n'emmanda eyo yonna, gonna ne ŋŋenda nga ngatalaaga oluvannyuma ne ngakuŋŋaanya wamu mu lukuŋŋaana olunene olwamala ennaku ttaano. Era lwe lukuŋŋaana olusingayo obunene lwe twali tubadde nalwo mu Amerika ey'Amambuka. Lwali lwa maanyi nnyo. N'eky'enkya ekikyasinzeeyo okuba eky'amaanyi, ne—ne—n'ekijjulo ekiro ekyo.

² Ssijjukira bulungi muwendo gwa bantu baafuna Mwoyo Mutukuvu. Baali—baali bayitirivu obungi abaafuna Omwoyo Omutukuvu, n'abaawonyezebwa na—n'abaalokoka, kweggamba kyali—kyali kirungi nnyo nnyini. N'olwekyo tusiima Katonda nga bwe tulaba obudde nga buggwaayo. Waaliyo abasajja abaatiikirivu bangi nnyo. Omu ku . . .

³ Kino Ow'oluganda Neville kigenda kumukola bulungi nnyo. Nnalaba omuweereza Omupulesibiteriyani, okuva mu Ttendekero ly'Abapulesibiteriyani ekkulu mu . . .mu ggwanga lino, nga azinira mu Mwoyo. Ha, bannange, kyali kya nkukunala, yafuna Omwoyo Omutukuvu. Era yanŋamba, nti, “Nnina olumu ku ntambi zo lwe nnafunu.” N'agamba nti, “Naye lwali teruwulikika bulungi.” N'agamba nti, “Ebigambo byali bisikattira, naye,” n'agamba nti, “Nnalutwala butereevu mu ttendekero lyange ne nduzannya.” N'agamba nti . . .Nga bw'ali nti ye mukugu mu ssomo ly'embeera z'abantu ku ttendekero, kale bonna yabasirisa. “Naye, era, baakiwulira,” bw'atyo bwe yagamba. Era n'agamba nti yalina . . .

⁴ Era agamba nti yagenda n'azinira mu Mwoyo mu kkanisa gy'asabira, nga amaze okufuna Omwoyo Omutukuvu, ne bamubuuza nti “Levulandi, onaayigayo ddi ekirala ekipyaa?”

⁵ N'abagamba nti, “Ekibiina kyange bwe kinaayiga kino.” Muli nnalowooza nga ekyo kyali kiyitirivu, teebereza, omukulembeze w'Abapulesibiteriyani, weewaawo, okugamba nti, “Ekibiina kyange bwe kinaayiga kino.” Kale ekyo kintu kirungi. Era nga omwana omuto bw'abeera, akyali mupya ate nga abadde . . .Weewaawo, mumanyi kye kitegeeza gy'ali, okubeera kakensa mu mbeera z'abantu mu Ttendekero

ly'Abapulesibiteriyani erisingayo obukulu mu Boston, weewaawo, liri mu Amerika.

⁶ Nnalaba omu ku basawo okuva mu ddwaliro lya Mayo akulira abalongoosa emitima nga abulira Enjiri mu Mwoyo n'ayogera ne mu nnimi. Ha, bannange! Nnalaba n'omukugu omulala, eyali Omuseveniside, okuva mu . . . Naye yali mu—mu—mukugu mu by'emitima n'emimiro, era yali, musajja mukadde, eyafuna okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu. Yamufuna. Lumu ekiro nnamuteekako emikono mu lujja, era n'afuna Omwoyo Omutukuvu. Kale tuli . . . waliwo ebintu bingi nnyo Mukama waffe bye yakola bye twebaliza, naddala mu kiseera nga kye tulimu.

⁷ Era nnababuuza nti, “Ekiseera kino kye tulimu mukitegeera nga embeerera enneebafu zitandise okusaba amafuta?” Ky'ekiseera Omugole Omusajja we yajjira, abantu, abaali beeteeteese we baayingirira. O, ndi musanyufu nnyo okukimanya nti tuli wano mu nnaku zino ez'oluvannyuma. Mukiraba? Nzikiriza nti tuli mu kimu ku biseera ebisingayo okuba ebikulu ebyali bibaddewo ku nsi, mu kiseera nga ebulayo katono Okujja kwa Mukama waffe kubeewo. Ekyo si kirungi nnyo? Okukirowozaako obulwooza, nti essaawa yonna okuva kati, Ebyawandiikibwa byonna bituukirira! Era tumusuubira eddakiika yonna. Era tulina okubeera mu mbeera eyo ey'okulindirira, nti, eddakiika yonna kyandibaawo. Weekuumire mu kusaba, weetegeke!

⁸ Leero bwe mbadde mu kansolingi, nze, nzekka, nsisinkanye omuminsani okuva mu Formosa, omukazi omuzira, wa myaka nsanvu mu esatu, naye nga oyinza okumuyita ow'ana mu etaano. Era akwali—Ssi mufumbo, era atekwa okuba yali muwala mubalagavu. Era aṅṅambye nti yakulira mu maka Amakristaayo nga “weewaawo” eba weewaawo, ne “nedda” etegeeza nedda. Era yakulira wansi w'okuyigirizibwa okukakali bwe kutyo. Era aṅṅambye nti, “Ow'oluganda Branham, ku myaka nga, ha,” n'agamba nti, “ku myaka nga munaana, nnaloozo nti nnali mpaddeyo obulamu bwange eri Mukama waffe Yesu.” N'agamba nti, “Ku myaka nga kkumi n'ebiri, waliwo omuweereza okuva mu kibiina ky'eddiini ekimu eyansendasenda, n'aṅṅamba nti nteekwa okuweebwa omukisa omulundi ogw'okubiri,” n'agamba nti, “era nnalimbibwa nnyo mu ekyo.” Naye n'agamba nti, “Ku myaka nga kkumi na musanvu, nnafuna Omwoyo Omutukuvu yennyini.” Era kati ali wano agezaako okuzuukusa agamu ku makanisa g'Ababaputisiti bano abeebafu. Yagambye nti bwe—bw'aba yali alabye ekintu “ekifu,” ate nga naye yennyini Mubaputisiti, yagambye nti, “ge makanisa g'Ababaputisiti gano amafu.” Yagayise “mawanika gye batereka emirambo.”

⁹ Ne mmugamba nti, “Weewaawo, ndowooza bw'obeera ku mwanjo olutalo we luyindira . . .” Ndowooza kati a . . . Ggwe kirowoozeeko, nze, mu kaseera kano nnina emyaka ataano mu

ebiri, kitegeeza yali muminsani nga sinnaba na kuzaalibwa. Ate nga nze mbadde ndowooza nkaddiye nnyo sikyasobola kufuluma wabweru kubuulira. Era nnagambye nti, “Bannaaye, Mukama, nsonyiwa.”

¹⁰ Ate, akyalabika bulungi, yenna mukyamufu era musanyufu. Bwe yavudde awo n’annyumiza ku by’ayiseemu mu lugendo, n’engeri Enjiri gye yali yeetaagibwa mu Formosa ne—ne mu China, ne Japan, n’awalala. Kale baamusindika aveeyo mu njiri, baamugamba nti, “Toyinza kuddamu kugenda mu buweereza bw’ebweru nga ossussizza emyaka nsanvu, omanyi.” Bwe batyo ne bamusindika akomewo. Naye era tagenda kutuula, agenda akyalira enkuŋŋaana z’Ababaputisiti zino zonna. Era yagambye nti, “Billy Graham,” yagambye nti, “engeri gye yali akwatamu obubaka bw’Ababaputisiti, yali akotoggera ekkansa y’Ababaputisiti.” N’agamba nti, “Tabatwala wala kimala kutuuka kufuna Mwoyo Mutukuvu,” bw’atyo bwe yagambye. O, mwannyinaze, ekyo kinyweze. Ekyo kirungi nnyo. Yagambye nti, Abacayina bali, n’agamba nti abadde tabakiriza kumala gagenda nga bagamba mbu, “Tukkiriza Yesu Kristo.” N’agamba nti, “Ekyo kirungi,” naye agamba nti yabasigazangawo awo okutuusa nga waliwo ekibaddewo, ne bafuuka Abakristayo aba nnamaddala.

¹¹ Ne ŋgamba nti, “Bwe kityo bwe kirina okuba, mwannyinaze. Bagambe, leka basigalewo okutuusa nga waliwo ekibaddewo.”

¹² Watya singa abatume baagamba, oluvannyuma lw’ennaku mwenda, nti kati, “Tukkiriza tumufunye, mulaba, ka tumukkirize olw’okukkiriza tugende mu maaso n’emirimu gyaffe”? Mukiraba, tekyandikoze. Baasigalayo ne balindirira okutuusa lwe baakakasa nti waliwo ekibaddewo. Era ogwo gwe mutawaana gwe tulina leero, tetulindirira kimala. Era, eyo y’ensonga lwaki oluvannyuma twesanga nga tusobola okutambulira mu bulamu obw’engeri yonna, ne tukola ekintu kyonna, ne kitatulumiriza, kubanga tetusigalawo kiseera kimala. Leero tuba munda, enkya tuli bweru, ne tudda *eno n’eri*. Naye singa tusigalawo ekimala okutuusa lw’oyingira ne weggalira, awo obeera ogenda kubeerawo. Osibibweko envumbo okutuusa ku lunaku olw’okununulibwa kwo. Ndi musanyufu nnyo olw’ekyo.

¹³ Kale twalina ekiseera ekirungi ddala, nga bwe ŋgambye, mu Phoenix n’okuyita mu kiwonvu wamu n’Abakristaayo bangi abaali eyo, nga bangi ku bo beeweereddeyo ddala n’obulamu bwabwe bwonna.

¹⁴ Nnalinyako waggulu ku lusozi lwa South Mountain, nze, ne mukyala wange atudde erudda wali. Lumu, mikwano gyange, muganda wange, Doc, yasigaza abawala bombi, ate—ate Ow’oluganda Wood ne mukyala we ne basigaza omulenzi, nze ne mukyala wange ne tugenda okuwummulamumu omulundi

ogw'okubiri nga abaakafumbiriganwa. Era yanjamba nti, "Bill, omanyi, okuwummula kuno kusinze kuli okwasooka." N'agamba nti, "Omulundi ogwasooka lwe twagenda mu kuwummula bwe twagattibwa, kyokka kye nnakola kwali kutuula mu kasisira kukulinda okomewo okuva mu kuyigga," bw'atyo bwe yanjamba.

¹⁵ Nnina engeri y'akakodyo ke nnakozesa, nga bwe mumanyi. Nnagamba mu nze nti, "Naye, kati, ssirina ssente zimala." Nnalina ze nnali ntereka mu mukebe omwali ensaano y'ekizimbulukusa, nga zimmala okuntwala ku lugendo lw'okuyigga, ate nga nnali njenda kuwasa mu kiseera ekya toggo w'omwaka ogwo. Kye nnava njamba nti, "Byonna bigatte obikole lumu," nga bwe mumanyi. Ate—ate ekiseera we nnalina okugenda ku lugendo lw'okuyigga, ky'ekiseera kye nnalina okuba mu luwummula lw'abaakafumbiriganwa, mukiraba, kale byombi twabigatta wamu. Naye ku mulundi guno oluwummula olwo twalusasulira ne tubaako ne gye tugenda, era, amazima, twalina akaseera akalungi ennyo ddala.

¹⁶ Era bangi ku baaliyo baali ba wano mu kkujjaaniri wano. Nzikiriza nti Ow'oluganda Sothmann, n'ab'omu maka emabega wali, n'Ow'oluganda Tom Simpson n'ab'omu maka ge, n'Ow'oluganda Maguire, era fenna twalina akaseera akalungi ennyo ddala mu Mukama waffe.

¹⁷ Kale twayambuka waggulu ku lusozi lwa South Mountain, oluli mu bukiikaddyo bwa Phoenix, ne tusegulira ebyali bitweraliikiriza. Uh! Ebyeraliikiriza ebibeera mu kibuga ekitambulira ku nkola ey'omulembe! Tekyewuunyisa okuba nti abantu bwe baatandika okweyongera ku nsi, waatandika okubaawo ekibi, n'obumenyi bw'amateeka. Ne nnengera nga ndi waggulu eyo, nga tutudde waggulu ddala eri tusobole okulengera ekiwonvu kya Phoenix, kye nnava njamba mukyala wange nti, "Nneewuunya twakatuulira wano mu ddakiika ekkumi n'ettaano zino, mirundi emeka, Erinnya lya Mukama gye lyakakozesebwa mu butaliimu mu kibuga ekyo?" Hmm?

¹⁸ Omuli, weewaawo, mu kitundu nga ekyo omuli ebibuga ebikuze nga Tempe ne—ne—Sunnyslope, n'ebirala byonna, muteekwa okuba mulimu abantu nga akakadde kalamba mu kiwonvu ekyo. Ne njamba nti, "Emyaka ebikumi bisatu egiyise wano tewaaliwo kintu kyonna okuggyako ebimera nga engabo ya kabaka wamu n'emisege. Era oba oli awo, mu maaso ga Mukama, ekiwonvu ekyo kyandibadde kirungi ssinga kyasigala bwe kityo." Bwe kiri. Newankubadde nga ekibuga ekinene—ekinene kye bazimbyeyo, n'amaka amalungi n'ebirala byonna, newankubadde birungi. Naye kyandibadde kirungi, kyandibadde kirungi singa abasajja n'abakazi batambula nga badda eno n'eri mu nguudo nga bawanise emikono gyabwe mu bbanga, bagulumiza Katonda n'okumwebaza. Naye, mu kifo ky'okukola ekyo, waliyo kuvuma, kwejeeguula, kunywa

mwenge. Buli lwe wajja kye bayita obugunjufu, n’obwonoonefu bubaaawo.

¹⁹ Ne n̄namba, “Obwenzi bwenkana wa obwakoledwa mu kibuga kino akawungeezi ka jjo, ekiro kya jjo mu kibuga kino! Bameka abaatamidde! Amaka ameka . . . Ebintu bimeka—ebintu bimeka ebításaana ebikoleddwa mu ssaawa emu eyaakayita, mu kibuga kino eky’ekitalo!”

²⁰ Mukyala wange kye yava ambuuza, ekintu bwe kiti, bwe nnali nkyalawooza ku ebyo byonna n’ambuuzza nti, “Kati amakulu g’okujja wano galiwa? Kiki ekyakulesezzaawo amaka go okujja wano?”

²¹ Ne mmugamba nti, “Gaagano. Oluvannyuma lw’ebyo byonna, nga weewaawo ababikola be basinga obungi, naye era emmanga eyo waliyo abatono. Essaala mmeka ez’obwesigwa ezaasabiddwa akawungeezi k’eggulo emmanga eyo, nga tetunajja mu lukun̄naana?”

²² Era Yabadde mulungi nnyo gye tuli okutuusa nti enjuba yabadde tennagwa mu nnyanga nga amakanisa gajjudde dda, nga tosobola wadde okutuuka mu lujja lw’ekifo ekyo. N’ebibiina eby’enjawulo ebyo byonna ebyabaddewo na buli kimu, era Mukama n’abafukako Omwoyo We n’abawa omukisa. Era sseerekerezza kubabuulira kintu kyonna, wabula nnagenze mu maaso nga mbabuulira Enjiri yennyini. Era weewaawo, ebiseera ebimu, kiba kikalubo, naye y’engeri yokka gye mmanyi ey’okukikolamu. Wano kiba kikalubo. Naye ate kiriba kikalubo nnyo n’okusingawo mu Kusalirwa Omusango bwe tuliyimirira okwanukulira bye twawulira. Kale, okutwaliza awamu, kyabadde kirungi nnyo. Era twagala okwebaza ekkansa wano olw’okutusabira n’okutunywererako, n’o—n’okutukuumira okumpi n’omusaalaba.

²³ Era kati bwe nnakomyewo eka, wano, ob’olyawo enkya ya leero nbandizze ne nsabira abalwadde. Naye nnina abantu bangi ab’okusisinkana ssekinnoomu abannindiridde, ensonga ezitali zimu nga ezimu ku zo nnasemba kuzikolako ennaku nnyingi emabega lwe nnasemba okubeera wano, nga kati bamaze omwezi mulamba nga balindirira kasookedde n̄nenda. Kale bagezaako okubatuukako mangu nnyo nga bwe kisoboka, babaleete okuva mu bifo eby’enjawulo gye bali.

²⁴ Mukama nga ayagadde, mu bbanga lya wiiki nga bbiri, nja kuba n̄nenda e Tucson, nga ky’ekitundu ekyo eky’emmanga. Era kati abasuubuzi ku mulundi guno, mmwe okusobola okusabira ensonga eno . . . Sitera kwagala kukola kintu kyonna okutuusa nga nkakasizza nti kwe kwagala kwa Mukama. Kati, olukun̄naana oluddako lujja kubeera mu Modesto bwe tunaava eyo tugende mu Washington, essaza, Washington, okuva eyo tugende mu Zurich, oluvannyuma tugende mu Palestina, n’oluvannyuma mu South Africa. Era enkun̄naana ezo zonna

za kubaawo okuva kati okutuusa mu mwezi gwa Juuni. Era nnyayitibwa okubeera omwogezzi mu nkunjaana zino zonna. Era kiyinza n'okumpa omukisa okuddamu okuyingira mu South Africa omulundi omulala. Amasimu gaabwe, buli mwezi tufuna okuyitibwa. Naye singa omu. . .

²⁵ Waliwo okwekutulamu okw'amaanyi mu makanisa, amakanisa g'Abapentekoote. Ate bwe weekubiira ku ludda olumu, oludda luli olulala luba terujja kwenyigiramu. Ate baagaana okukolaganira awamu, kale kati mmaze emyaka nga etaano nga nnina okuyitibwa mu mutima gwange okw'okugendayo. Naye ku mulundi guno, ob'olyawo abasajja abasuubuzi bwe banantwalayo, ne nsimba amakanda, abo bava ku njuyi zombi, mukiraba, kale ekyo enjuyi zombi kinaazireetera okujja awamu okutabagana. Awo bonna babeera balina okujja bakolaganire wamu kubanga ebyetaago bya ssente ebya— ebyetaago by'amakanisa gaabwe weebiri, n'olwekyo babeera balina okujja okutaasa ekifaananyi kyabwe, mukiraba. Kale oba oli awo kwandiba nga kwe kwagala kwa Mukama, naye, simanyi. Kiwulikika bulungi, naye simanyi.

²⁶ Kati n'ekirala, mu mwaka guno, Ow'oluganda Borders yampadde enteekateeka, manyanga, okuyitibwa okw'enjawulo. Era, amazima gali nti, kuli mu kitabo ekikubisaamu *ekyo* emirundi ebiri obunene okuyitibwa okuzze okuva ku Ssekukkulu y'omwaka oguwedde, okw'amabaluwa agampita okuva buli wamu wonna. Okuyitibwa okwo kungi nnyo eri endowooza ey'obuntu okugezaako okukusengeka, na bwe kityo sirina n'emu ku bbaluwa ezo gye nnatwala. Nja kubeera n'olukunjaana lumu, oluvannyuma nnindirire okulaba wa Mukama gy'ananjamba okuzzaako, bwe nvaayo nneende awaddako, nneende n'awaddako, na yonna gy'Ananjamba okugenda. Kale, munsabire.

²⁷ Nzujukira omwaka oguwedde, bwe twali emmanga n'Ow'oluganda. . . manya ewa Mwannyinaffe Cox emmanga eyo, Ow'oluganda Arganbright bwe yampita okugenda mu lugendo okugenda mu Anchorage. Watya singa olugendo olwo nnalugendako nga nteebereza nti tekiriimu mutawaana okugenda?

²⁸ Kati, ekyo nnabadde nkirowoozaako nti, *okwetulinkiriza*, era eky'okuyigako ekyo nnakibuulirako. Nnagamba bwe nnagendayo, nnagamba abavubuka abakwata entambi nti, "Temugeza okukwata entambi. Temubaako ntambi ze mukwata, nneenda kubuulira obubaka bwe bumu bwe nnabuulira wano." Naye ndowooza nnabuulira obubaka bwa mulundi gumu ku obwo bwe nnabuulira wano, obulala bwonna bwali bupya. Era Ow'oluganda Maguire bwonna bwonna, yabukwata.

²⁹ Okuteebereza. N'olwekyo singa nnagendayo, nga *nteebereza*, mazima ddala ekyandibaddeyo kyandibadde kyawukanira

ddala ku ekyo ekyaliyo, okwolesebwa tekwandituukiridde. Naye okwolesebwa kwatuukirira, era mwenna mumanyi bulungi, engeri Mukama gye yatuwaamu omukisa.

³⁰ Kati, waliwo ekintu ekibadde ku mutima gwange okumala ebbanga ddene. Mwenna nga ekkalisa, mukisabire. Mmwe mwenna wano mukimanyi bulungi nti okuviira ddala nga nkyali kalenzi kato siwulirangako mireembe kubeera mu kitundu kino. Omutima gwange gwonna lubeerera gubaddenga guyaayaanira kubeera Buvanjoba. Era nzijukira bwe nnali nga nsaawa omuddo ewa nnyazaala wange engulu eri mu kafo aka... akaali ak'ekkanisa eno wano, akafo ako. Nnali ntudde ku madaala, Omwoyo Omutukuvu n'ayogera nange, n'Anḡamba nti, "Ssisobola kwongera kukuwa mukisa okutuusa nga oḡḡonedde ddala mu bujuvu, nga Ibulayimu." Mukiraba? Kati, Ibulayimu, Katonda yamugamba yeeyawule agende abeere yekka. Naye, bwe yakikola, yagenda ne kitaawe, n'omwana wa muganda we. Era okutuusa Ibulayimu lwe yagondera Katonda mu bujuvu, lwe waabaawo okutuukirizibwa mu bujuvu okw'ekyo Katonda kye yamusubiza. Era ekinsibye, ekimu ku byasinga okunsiba wano, yali maama wange. Ekyo mukimanyi. Naye kati maama yagenda okubeera ne Mukama waffe Yesu. Era kati ndi—kati ndi wano simanyi kya kuzzaako, na kya kukola, n'olwekyo munsabire.

³¹ Kati, Ow'oluganda Neville, nsituse ne nzija ku kituuti, nga ndowooza muli nti, "Kale, leka ḡḡendeyo." Waliwo ansisinkanye n'anḡamba nti, "Bannange, bagenda kubeera n'enkuḡḡaana nnyingi akawungeezi ka leero." N'agamba nti, "Bagenda kubeera n'olukuḡḡaana olw'okubuulira, n'olukuḡḡaana olw'ennyimba, n'olukuḡḡaana olw'okusaba, ate bwe banaawa awo bakuḡḡaanye ebiweebwaayo, ate bagambye balina ne—n'okunaazagana ebigere, okussa ekimu, n'olukuḡḡaana olw'okubatiza."

³² Mu nze ne ḡḡamba nti, "Bambi, musajja wattu! Bannange! Bannange, ebyo byonna, mmanyi kye kitegeeza, oba oli awo oluvannyuma lw'okubuulira ennyo enkya ya leero." Kati, nzize ndowooza nti, "ḡḡenda kugendayo, oba oli awo ayinza okunneetaaga okugabula okussa ekimu."

³³ Naye ate n'anḡamba nti, "Osobola okubuulira gye tuli akawungeezi kano bw'oba owulira nga oluḡḡamizibwa okukikola?" Kale kati ekyo mmanyi kye kitegeeza. Kale nzizeeyo ne nfuna Ekyawandiikibwa wano ne nfunayo ne ku bye nnawandiika bye nnaajulizaako, era oba oli awo Mukama anannyamba okubuulira gye muli Obubaka obumpi ennyo bwa ssaawa nga nnya zokka, oluvannyuma tubeere—tunaazagane ebigere, n'oluvannyuma tubeere n'okussa ekimu. Bwe kunaggwa, era, ha, nnyinza, oba oli awo nnaasobola okumaliriza nga bukyali. Nedda, mbadde nsaaga. ḡḡenda kubuulira mu ddakiika nga amakumi abiri, oba asatu,

oluvannyuma tubeere n'okubatiza, ebige-... Kiki ekinaddako oluvannyuma lw'okubuulira, kussa kimu? Okussa ekimu kwe kunaddako, oluvannyuma wabeewo okubatiza.

³⁴ Kati, tuli basanyufu okuba nti mugenda kubatizibwa. Kati, Katonda bw'anaaba ayagadde era nga kimusanyusa, nga n'omusumba n'abantu tebakirinaamu buzibu, Ssande ejja ku makya nja kubeerawo okusabira abalwadde, n'okubuulira, Mukama bw'anaaba ayagadde, Ssande eno ejja, kubanga oba oli awo Ssande eri eddako ndiba ngenze nate era. Naye kati bwe mbeerawo, mba njagala nzije era—era mbuulire, kubanga tukolaganira wamu nga ab'oluganda, era Ow'oluganda Neville nange wano, era—era twagalana, era twa—twa—twagala tusigale nga tuli wamu era nga tuyambagana nga. . .

³⁵ Kino kiwulikika nga ekivvoola, naye ka nsuubire tekiiwulikike bwe kityo gye muli, Mw. Cory lumu yagamba nti, ya...nnali ntunda mataala, nga ntunda bbalubu za kampuni emu. Era yagula bbalubu nnyingi nnyo ezaali zisobola okumutwaliriza okumala emyaka nga ena oba etaano, nange kye nnakola ne mmugulako emmotoka ey'ekika kya Ford. Kye yava anjagamba nti, "Billy, nzikiriza nti tuli mu kuwagiragana." Kale ekyo, weewaawo, kiba mu ngeri ya kuyambagana mu kiseera eky'obwetaavu. N'olwekyo ekyo—ekyo kituufu. Tumanyi buli omu engeri y'okujja okudduukirira munne n'okuyambagana.

³⁶ Kati, mu kaseera kano leka tugende mu kitundu ekisingayo okuba eky'obwesimbu, era bwe mba ssiwubiddwa, nzikiriza nnengera Ow'oluganda Beeler emabega eri awasemba, ow'oluganda omulala omuweereza. Ate leero bwe nnabadde mpitawo, Ow'oluganda Junie Jackson yabadde ayimiridde wano mu luggya nga ali n'Ow'oluganda Creech. Wano batera okubeerawo n'enkuŋŋaana? Baabadde n'okubatiza, nkiraba. Kale, tusobola okubafunira amazzi bwe babaayo n'omuntu ow'okubatiza. A—amazzi tugalina, kale.

³⁷ Kale kati, nga bwe kiri nti tugenda kubeera n'okussa ekimu, nnalwoozezza nti kinaaba kirungi singa mbuulira ku kussa ekimu okumala eddakiika entonotono.

³⁸ Kati, nga tetunnayingira mu Kigambo, kaakano leka tusse ku bbali buli kimu kyonna, n'engeri zaffe zonna ez'ekito, tu—tujje mu Kubeerawo kwa Katonda okuyita mu kusaba. Ka tusabe. Kaakano nga tukotese emitwe gyaffe, era nzikiriza n'emitima gyaffe, bwe wabaawo ekyetaago kyonna wano kye wandyagadde...kye wandyagadde kitegeezebwe eri Katonda era nga wandyagadde nkujjukire mu maaso ga Katonda, osobola okukyoleka nga oyimusa omukono gwo eri Katonda. Ayi Katonda sisinkana buli kyetaago kya buli omu.

³⁹ Ayi Katonda ayinza byonna, Kitaawe wa Mukama waffe Yesu Kristo, Oyo eyamuzuukiza okuva mu bafu n'amutuuzza ku mukono ogwa ddyo ogw'Obuyinza, abeera omulamu bulijjo

okutuwolereza olw'ebintu bye tukkiriza nti Yabitungolera, era bye twatula nti bwe bityo bwe biri. Tusaba, ayi Mukama Katonda, nti akawungeezi kano, otusonyiwe ebibi byaffe. O, twagala kwekuumira wansi wa Musaayi ebiseera byonna, kubanga tetumanyi kiki ekiyinda okubaawo. Tuwulira, nga ebintu byonna binaatera okukomekkerezebwa, ayi Mukama, nti okujja kwa Mukama waffe kusembedde. Era tweteekateeka okutandika olugendo. Era nga bwe tulowooza ku lugendo, tuyinda okulowooza ku nsawo z'engoye, ne—n'engoye wamu n'engatto endala ez'okukyusa. Naye olugendo luno nga lwa njawulo nnyo! Ssi lwa kupakira; wabula kupakulula, nga tuteeka ku bbali. Nga omuweereza Wo ow'ekitalo, Pawulo, bwe yagamba mu Kitabo ky'Abaebbulaniya, essuula ey'e 12 nti, "Twambulenga buli ekizitowa na buli butakkiriza bwonna obwanguwa okututega, tusobole okudduka n'obugumiikiriza embiro eziteekeddwa mu maaso gaffe."

⁴⁰ Era tetuyinza kulagula bintu birungi eri ensi eno ey'omulembe gw'akakyo kano. Ekintu kyokka kye tusobola okulagula okuyita mu Mwoyo by'ebibamba, n'emitawaana, n'ebikankano, n'amayengo ag'amaanyi, enjuba n'omwezi okulekayo okwaka, ekkansa okubeera mu mulembe gwa Lawodiikiya, Kristo nga ali wabweru w'oluggi, akonkona ayingire. Ai Katonda! Nga Mikaaya ow'edda, yali ayinza atya okuwa Akabu omukisa nga obunnabbi bwali bukiwakanya? Nnabbi oyo ow'amaanyi ow'ekitalo, Eriya, bwe yajja gy'ali, era kubanga yali aggyewo obulamu bw'omusajja oyo ataalina musango, Nabosi, n'amugamba nti, "Embwa zirikomberera omusaayi gwo." Kati Mikaaya yandiinzizza atya okulagula ebintu ebirungi?

⁴¹ Abaana abajjudde Omwoyo aba leero bayinza batya okulagula ebirungi eri abantu aboononyi, abatafaayo abaggalidde Mukama waffe wabweru? Ai Katonda, ffe kyokka kye tulaba bwe bukaawu obw'musango ogugenda okujja. N'okukuba omulanga eri abo abatannaba kutereza bulamu bwabwe nti, "Mudduke mujje eri Mukama waffe, kubanga Ye Lwazi mu nsi ekooyesa! Ye kifo eky'Obuddukiro mu kiseera eky'omuyaga. Era Erinnya lya Mukama Kigo kya maanyi, era abatuukirivu b'addukira Omwo ne babeera mirembe." Nga tuyinza okulowooza ku bibuga ebyo eby'amaanyi ebyazimbibwa, eby'obuddukiro, nga oyo eyabanga agoba...omusajja bwe yamalanga okuyingira mu—mu kigo, yabanga aliko obukuumi, nga tewali kiyinza kumukwatako. Ai Katonda, naffe ka tudduke era tweyune okugenda eri Mukama waffe, kubanga Ye Buddukiro bwaffe era ye Maanyi gaffe, era omubeezi ddala atabulawo mu biseera eby'okulaba ennaku. N'olwekyo, bwe tulaba nga tukozesa eriiso ly'empungu, tulengera, omutawaana ogubindabinda, n'ebire nga bikunta, n'okubwatuka n'ebimyanso eby'omusango nga bikka ku nsi, tumanyi nti omuyaga gunateera.

⁴² Akawungeezi kano, ayi Mukama, tusabira bano abayimusizza emikono gyabwe. Ssimanyi kye baagala, Kitaffe, naye Ggwe okimanyi. Nkusaba Ogabirire buli kintu eri emmeeme zaabwe ez'omuwendo, ku lwa buli kintu kye baayimusirizza omukono. Kikkirize, ayi Mukama. Wonya abalwadde. Zzaamu essuubi abakooye. Wa essanyu eri abo abanyigirizibwa. Wa emirembe eri abakooye, emmere eri abayala, eky'okunywa eri abalumwa ennyonta, essanyu eri abanakuwavu, amaanyi eri ekkanisa. Mukama, leeta Yesu mu makkati gaffe akawungeezi kano, nga bwe tutegeka okuba n'okussa ekimu ekintu ekikiikirira omubiri Gwe ogwamenyebwamenyebwa. Tusaba, ayi Mukama, atukyalire mu ngeri ey'enjawulo ennyo.

⁴³ Wa omukisa ekibiina kino ekitono, n'omusumba waakyo omwagalwa, Muganda waffe Neville wamu n'ab'enju ye, n'abadiikoni, n'abayima b'ekkanisa, na buli muntu yenna ali wano. Wa omukisa n'abalala bonna, ayi Mukama, okwetooloola ensi yonna, abalindiridde n'essanyu okujja kwa Mukama waffe, nga ettaala zirongooseddwa, n'emidumu egitwala omukka giziguddwa, nga Omusana gw'Enjiri gwaka mu bifo ebikutte enzikiza.

⁴⁴ Kaakano, nnyamba, ayi Mukama, n'Ebigambo bino ebitonotono. Biwe omukisa nga bwe tubisoma, era otuwe amakulu agabirimu, kubanga tukisabye mu Linnya lya Yesu. Amiina.

⁴⁵ Kati tuyinza okubikkula mu Kitabo, mu ssuula ey'o 6 ey'enjiri y'Omutukuvu Yokaana, era kyandibadde kirungi ssinga buli omu ku ffe asoma essuula eno yonna nga tuzzeeyo eka. Njagala nsome, okutandikira ku lunyiriri olw'a 47, okutuuka ku lw'a 59, nalwo tulusome, okufuna engeri y'okuzimbamu eky'okuyigako eky: *Okussa Ekimu*.

Yesu kaakano y'ayogera, nga bali ku mbaga. Waabangawo ekiseera ekikulu ennyo, mu mbaga zino. Baanywanga amazzi okuva mu lwazi, okukiikirira Olwazi luli olwali mu ddungu. Ne balya, ne ku lw'emmaanu eyagwa emyaka mingi egyayita, nga bajjukira. Yali mbaga ey'okuyitako, nga gye tulina akawungeezi ka leero.

Ddala, ddala, mbagamba nti, Akkiriza nze alina Obulamu obutaggwaawo.

Nze mmere eyo ey'obulamu.

Bajjajja bammwe baaliiranga emmaanu mu ddungu, ne bafa.

Eno ye mmere eva mu ggulu omuntu agiryeko aleme kufa.

Nze mmere ennamu eyava mu ggulu: omuntu bw'alya ku mmere eno, aliba mulamu emirembe n'emirembe: era

emmere gye ndigaba gwe mubiri gwange, gwe ndiwaayo olw'obulamu bw'ensi.

Awo Abayudaaya ne bawakana bokka na bokka, nga bagamba nti, Ono ayinza atya okutuwa omubiri gwe okugulya?

Awo Yesu n'abagamba nti, Ddala, ddala, mbagamba nti, Bwe mutalya mubiri gwa Mwana wa muntu, ne munywa omusaayi gwe, temulina bulamu mu mmwe.

Alya omubiri gwange, era anywa omusaayi gwange, alina obulamu obutaggwaawo; nange ndimuzuukiriza ku lunaku olw'enkomerero.

Kubanga omubiri gwange kye ky'okulya ddala, n'omusaayi gwange kye ky'okunywa ddala.

Alya omubiri gwange, era anywa omusaayi gwange, abeera mu nze, nange mu ye.

Nga Kitange omulamu bwe yantuma, nange ndi mulamu ku bwa Kitange: bw'atyo andya ye aliba mulamu ku bwange.

Eno y'emmere eva mu ggulu: si nga bajjajammwe bwe baalya emaanu, ne bafa: naye alya emmere. . . eno aliba mulamu emirembe n'emirembe.

Ebyo yabyogerera mu kkuŋŋaaniro ng'ayigiriza mu Kaperunawumu.

⁴⁶ Mukama awe omukisa Ekigambo Kye. Okumala eddakiika entonotono, njagala, njogere ku: *Okussa Ekimu*. Ekigambo okussa ekimu kitegeeza ki? *Okussa ekimu* kitegeeza "okunyumya." Okubeera, oku. . . Ekituufu kiri nti *okussa ekimu* kitegeeza "kutabagana, okunyumya ne munno." Bw'oyogera n'omuntu ku lukomo lw'essimu, ne munyumya, mubeera mu kussa kimu. N'era singa tujja wano ku mabbali ne tuyimirira emabega w'ekizimbe, omuntu yenna awamu n'omusumba, oba abantu babiri, babeera mu kussa kimu buli omu ne munne.

⁴⁷ Kati, tosobola kussa kimu na muntu kuyita mu kuwuliriza leediyo, kubanga toyinza kumwanukula, ka kube kulaba ttivi. Naye ate. . . Musobola okussa ekimu okuyita ku lukomo lw'essimu, kubanga buli omu abeera ayogera ne munne, okwogera tekuba ku ludda lumu lwokka. Kiri. . . Mu kaseera kano siyinza kussa kimu nnammwe, kubanga temunyanukula. Kale, n'olwekyo, tekitegeeza kujja buzzi n'owuliriza muweereza nga abuulira obubaka bwe. Ekyo tetuyinza kukiyita, kukuŋŋaana wamu, kussa kimu. Okussa ekimu tekuyinza kubeera. . . Bwe kiba nga ekyakuleese kussa kimu na muweereza, olina okumuzza ebbali, oba omuntu yenna, n'ossa kimu naye omusajja oyo oba omukazi oyo.

⁴⁸ Naye ekituleeta, okussa ekimu, ye buli omu ku ffe nga omuntu ssekinnoomu okussa ekimu ne Kristo. Okwo kwe kussa

ekimu. N’olwekyo, okussa ekimu tekitegeeza muntu *omu* kuba nti ye yekka ayogera, tekitegeeza kubeera nti ffe twogera fekka, naye oluvannyuma lw’okwogera tulina okulindirira tulabe ky’Anaatugamba.

⁴⁹ Kati, awo, emirundi egisinga obungi, we tukolera ensobi zaffe ezisinga obubi ennyo, kwe kubeera nti, ffe twogera fekka ne tatalindirira kumuwa kakisa kutwanukula. Oluusi tugenda, ne tugamba nti, “Ayi Mukama, nkusaba Okole *kino* na *kino* amiina,” ne tusituka ne tugenda. Kati, amazima gali nti okwo tekuba kussa kimu. Okwo kuba kugenda n’obaako ky’osaba kikukolerwe. Naye bw’olwaawo ekimala okutuusa lw’Ayanukula, awo lw’obeera ofunye okussa ekimu, okussa ekimu ne Mukama. Kaakati, era engeri enkulu ey’okussaamu ekimu, kwe kukkiriziganya, muteekwa okuba n’ebintu bye mukkiriziganyaako. Kaakati, era kyewuunyisa okuba nti oluusi ebintu ebyo bwe tubifuna. . .

⁵⁰ N’okulya kitundu ku kussa ekimu. Kati, twala eky’okulabirako ky’abasuubuzi, bwe babaako ne kye baagala okukkiriziganyaako mu by’ensuubulagana, bayita omuntu oyo ku kijjulo. Bwe bamala okulya ne bakkalira, olwo nga balyoka batandika okunyumya. Kitunzi omulungi, ebiseera ebisinga tasobola kwogera na muntu nga muyala. Kiba kirungi n’omulinda okutuusa nga awulira bulungi, era nga amaze okufuna eky’enkya. Leka kugenda kumuzuukusa kuva mu buliri kumugamba nga bw’olina ky’oyagala okumuguzza, naye mulinde asooke afune eky’enkya, era—era nga ali mu mbeera nnungi.

⁵¹ Jjuuzi bwe nnali mbuulira ku mukazi eyanaaza Yesu ebigere, engulu eri mu Canada nnali njogera ku kino, nga njamba nti omugenyi bwe yajjanga okukyalira omuntu omulala, omuntu ono yabanga n’emitendera egy’enjawulo omugenyi ono mwe yalina okuyita nga tannasembezzebwa mu butongole kuyingira kukyala, manyanga, kussa kimu. Okukyala kuba kussa kimu. Kati, baalinanga okujja ku. . . Okuyitibwa, okusooka kwa byonna walina okuba nga wayitiddwa. Olwo n’ojja ku mulyango omuddu n’akunaaza ebigere, kubanga bwe wajjanga, wabanga owunya olusu lwe—lw’ensolo n’ebirala bye wabanga osisinkanye mu kkubo. Bonna. . . abantu baatambuliranga mu kkubo lye limu n’ensolo, kale—kale baabanga n’olusu era nga bajjudde enfuufu, ekyambalo ky’Abapalasiyini gye kyayoolanga n’ekwata ku ntuyo ezaabanga ku bigere, ne mu maaso awaabanga watabikkiddwa, ne—ne ku mikono. Kale—kale ebyo byonna byakwatirwanga ku mulyango, omuddu we yabalindiranga, n’abanaaza ebigere. Ne wabaawo n’omusajja omulala eyayimiranga erudda nga alina tawulo ne—n’amafuta ag’akaloosa, era baabafuyiranga akaloosa kano ku mikono, ne bakeesiimuula bwe *bati*, ne—ne bakeesiiga mu maaso gaabwe, olwo ne bakwata tawulo ne beesiimuula. Era ekyo

kyalongoosanga enfuufu yonna n'olusu. Era kaabangamu ekintu ekiweweeza, nga nnabbugira, era kyabaleeteranga okwewulira obulungi.

⁵² Kati bwe baatuukanga okuyingira, tewayingiranga na ngatto zo enkyafu, kuzirinnyisa ku biwempe ebyo ebirungi, baaberanga, ne ssiripa ez'omu nnyumba, era ze baayambalanga ne bayingira. Era o—omugenyi bwe yayingiranga mu nnyumba nga—nga nnyinimu a—amunywegera okumwaniriza. Kati, mulabeeyo, ne bwe wandibadde ggwe tewandyagadde nnyinimu kukunywegera nga owunya olusu olubi. Tewandyagadde kutambulira ku biwempe nga oli mukyafu. Kale nnyinimu yakunywegeranga n'akwaniriza, olwo n'ofuuka kitundu ku bali mu nnyumba.

⁵³ Era, kati, ne Katonda alina ebintu bwe bityo. Nga tetunnaba beeteteefu kwetaba mu kussa kimu kwa Katonda, tuteekwa okusooka ne tunaazibwa n'amazzi ag'Ekigambo. Okwawulibwa, amazzi ag'okwawula agatwawula ku bibi byaffe. Kati, ekisooka, tosobola kwogera na Katonda era tosobola kussa kimu na Katonda, era waliwo... Okusooka, olina okwenenya bye wakola, kubanga tosobola kukkiriza mu ngeri ntuufu okutuusa nga weenenyezza n'ogamba nti, "Ayi Mukama, nsonyiwa obutakkiriza bwange." Okiraba? "Nsonyiwa obutakkiriza bwange." Oteekwa, kusooka, kwenenya. Era, bwe weenenya, obeera... ebibi byo eby'emabega bikusonyiyibwa, olwo n'obeera agwanidde okubatzibwa. Kati, okuva awo Yasuubiza Omwoyo Omutukuvu, oluvannyuma lw'okubatzibwa.

⁵⁴ Kaakati, ensonga eri, nti, mu kussa ekimu kuno, tukiraba nti mwalimu ne—n'okunaaza ebigere n'ebirala bwe bityo, nabyo, okunaaza ebigere byaffe, nga akabonero ak'obulongoofu bw'Omwoyo Omutukuvu.

⁵⁵ Kati, ekirala, wateekwa okubaawo enkolagana ennungi. Bwe waabangawo obutakkaanya ne—ne kakukyaza, mwabanga te—temusobola kussa kimu. Nedda, wa—wabanga tosobola kussa kimu naye, kubanga tokkiriziganya naye. Naye bwe mwabanga mukkaanya, awo mwabanga musobola okussa ekimu. Kati bwe kityo bwe kiri bwe tujja ku mmeza ya Mukama waffe, tulina okuba nga tukkiriziganya n'Ekigambo Kye. Mukiraba? Tuteekwa okuzaalibwa omulundi ogw'okubiri, Omwoyo wa Katonda mu ffe n'aba nga agamba "amiina" eri buli Kigambo kye Yawandiika, olwo ne tusobola okussa ekimu Naye.

⁵⁶ Kino kye tulina okuva eri Katonda, emitima gyaffe bwe gitatusalira kutusinga, tuba tulina okuganja eri Katonda. Tumanyi nga tufuna bye tusaba ne bye twegayiririra, kubanga emitima gyaffe tegitusalira musango. Kati, Katonda bw'atugamba nti tuteekwa okuzaalibwa ogw'okubiri, naye nga tetunnaba kufuna kuzaalibwa buggya, tujja kuwulira nga tuswala okugenda gy'Ali, okubaako ne kye tumusaba, mukiraba,

kubanga tukimanyi nti tetunnatuukiriza by'Atwetaaza kutuukiriza. Era awo tuba tuisigazza kimu kyokka kusaba ssaala ya mwonoonyi. Naye bwe twogera Naye nga tulina okutabagana awamu Naye, ekyo kireeta okussa ekimu.

⁵⁷ Kati, ebintu bino bye tukozeza mu kussa ekimu, njagala nkozeseeyo akaseera akatontono mbinnyonyole. Kati, bye tukoseza, mu kye tuyita *okussa ekimu*, gwe mugaati n'enviinyo. Kati, ekyo kinnyonnyoddwa bubu nnyo eri abantu okutuusa nti tekikyali na kirungi okukyogerako. Bannaange, nga kinnyonnyoddwa bubu okuyita mu myaka gyonna egizze gibaawo! Ekituufu kiri nti okwo si kussa kimu, okwo kukuuma bukuumi kiragiro. Mukiraba? Kati, ensonga lwaki tukuyita okussa ekimu, kyava mu ntaputa y'Abakatuliki ey'okugiyita "Wukalisitiya Entukuvu, nti gwe mubiri gwa Mukama waffe Yesu gwennyini." Naye tegubeera mubiri gwa Mukama waffe Yesu! Kubeera kujjukira bujjukizi mubiri Gwe.

⁵⁸ Sifaayo ba faaza bameka oba ababuulizi bameka, oba ani yenna abisabira omukisa, bisigala mugaati na nviinyo. Teri kabona nga bwe... batugamba, mbu, "Katonda atekwa okuwuliriza kabona bw'akyusa komunyo," bo gye bayita komunyo, "Wukalisitiya, n'agifuula omubiri gwennyini ogwa Mukama waffe Yesu. Olwo omukkiriza n'agulya, ne bagamba mbu okwo kwe kussa ekimu." Ekyo kikyamu!

⁵⁹ *Okussa ekimu* kitegeeza "kubaako na ky'oyogera nakyo, kubaako na ky'otabagana nakyo, ekintu ky'osobola okwogera gye kiri nakyo ne kikwanukula." Okwo kwe kussa ekimu. Akagaati tekayinza kwanukula. Kati, n'olwekyo, okussa ekimu okutuufu ye Mwoyo Omutukuvu okukwanukula. Bw'obaako ne ky'omusaba, n'akwanukula, okwo kwe kussa ekimu okutuufu. *Kuno* kubeera kujjukira bujjukizi, okulya o... okujjukira okukomererwa Kwe n'okuzuukira Kwe, so si kussa kimu. Tukuyita kussa kimu, naye tekuba kussa kimu. Kyava mu ekereziya Katolika, gye bakozesa omugaati guno nga bwe twakiyitamamu olunaku lwa luli nga bwe bakola, bwe twali twogera ku *Obukaafiiri Nga Bukontana n'Obukristaayo*.

⁶⁰ "Nga bwe bayigiriza nti akagaati kano akeekulungirivu gwe mubiri gwa Kristo gwennyini." Kati, ekereziya Katolika ekyo ky'ekkiriza. Mwali mukyetegereza nti, bwe baba bayita ku ekereziya, bakuba akabonero k'omusaalaba, ne baggyako enkofiira zaabwe, n'ebirala bye bakola? Ebyo baba tebabikola eri ekereziya, baba babikola eri kagaati ako akabeera munda omwo, "omubiri ogwo faaza gw'aba akusizza okuva mu kubeera omugaati ne gufuuka omubiri gwa Kristo gwennyini," nga emmese n'emisonso bisobola n'okugwetikka ne bigutwala. Naye, lwaki temulina, temusobola kuba na magezi ga bulijjo kwebuuzza butya akatundu k'akagaati gye kayinza okuba omubiri gwa Mukama waffe Yesu! Tekisoboka.

61 *Okussa ekimu* kitegeeza “kubaako ky’oyogera nakyó, nakyó ne kikwanukula, ekintu ky’oyogera nakyó.” Ekigambo kyennyini *okussa ekimu* kitegeeza “okubaako ne ky’oyogera nakyó,” oba, “okubaako ne ky’onyumya nakyó ekisobola okukwanukula.” Era Katonda akwanukula bw’oyogera naye, okussa ekimu. Naye kano kaba kagaati na nviinyo, bye tuyita *okussa ekimu*.

62 Kati, Yesu yagamba wano, nga bwe nnasomye nti, “Omubiri Gwange mmere era kyakunywa, Omusaayi Gwange, omubiri n’Omusaayi mmere era kyakunywa.”

63 Kati, twagala tulwooze ku Yesu tumunyonnyole, kye Yali. Omubiri Gwe kye kiki? Omubiri gwa Kristo kye kiki? Gwe mubiri gw’abakkiriza abagattibwa awamu Naye mu Mwoyo Omutukuvu. Si kifaananyi bufaananyi, si katundu ka kagaati, wabula Omwoyo ali mu mutima gw’omukkiriza, ne baba nga bakwataganye, ne kiba nti omuntu ne Katonda basobola okwogerezanya, abaana ba Katonda ab’obulenzi n’ab’obuwala. Omuntu afa, okuyita mu kuyiwa Omusaayi kwaleeta okuggyibwaako ekibi, ne kiba nti omusajja ono n’omukazi ono, omulenzi oyo oba omuwala, atabagana ne Kristo, aba assa kimu Naye, ogwo gwe mubiri.

64 Nga omwami n’omukyala bwe bayinza okutuula wansi ne banyumyamu, oba omulenzi ne mukwano gwe omuwala, bwe batyo ne Kristo n’Ekkansa Ye bwe bassa ekimu. Y’ensonga lwaki tusobola okuwulira okuva gy’Ali, ne tulaba ebinaabaawo mu bisera eby’omu maaso nga tebinnabaawo, ne tusobola n’okumanya byennyini ebinaabaawo mu maaso, kubanga tussa kimu ne Katonda Oyo akutte Obutaggwaawo mu mikono Gye. Nga bassa kimu bokka na bokka, Omubiri gwa Kristo, ogutalabika, Omubiri gwa Kristo ogw’omwoyo. Tegulina kakwate konna na kifaananyi kya ngeri yonna, oba akagaati oba—enviinyo, naye guli mu—mu nkula ya mwoyo.

65 Kati, Yesu yayogera ekintu kye kimu. Ggwe kkebera mu njiri y’Omutukuvu Yokaana, essuula ey’oku 4, bwe yali ayogera n’omukazi eyali ku luzzi, yali ayogera ku bintu nga ebya, “Bajjajjaffe luno lwe luzzi kwe baanywanga, era oluzzi luno be baalusima, Yakobo ye yalusima, n’a—n’awa n’abaana be n’ente ze ne banywa ku mazzi gano, kati Ggwe ogamba mbu, ‘Okusinza kulina kuba mu kibuga *gundi*,’ ate abalala bagamba mbu, ‘Mu lusozi luno.’”

66 Yesu bwe yali akyayogera kwe—kwe kumugamba nti, “Lindamu katonu! Ffe tuli Bayudaaya, era tutegeera bulungi, okusinza kye kitegeeza. Naye wulira kino, nnyabo. Ekiseera kijja, era kaakano kituuse, abasinza ab’amazima we banaasinziza Katonda mu Mwoyo ne mu Mazima. ‘Ekigambo Kyo ge Mazima.’ Era Kitaffe anoonya abalinga abo ab’okumusinziza mu Mwoyo ne mu Kigambo, Amazima. ‘Ekigambo Kyo ge Mazima.’” Kati, ekyo kye Yagamba omukazi.

67 Mukiraba, Kristo . . . Katonda Mwoyo. *Kristo* kitegeeza “oyo eyafukibwaako amafuta, omusajja Katonda gwe yafukako amafuta,” ekyamufuula Kristo. Kati, Kristo yagamba nti, “Ndi Mmere era ndi Kyakunywa.” Si kagaati, si kagaati ke tulya wano. Oyo taba Kristo. Enviinyo gye tunywa wano ku wolutaali, taba Kristo. Ebyo bimukiikirira bukiikirizi, mu kifaananyi. Naye Kristo ye Mwoyo Omutukuvu, amafuta agali ku Kkanisa, eyo y’Emmere n’Eky’okunywa.

68 Omulanga ogukyasinzeeyo okwetaaga okudduukirirwa mu nsi yonna, nsuubira tewali n’omu ku mmwe yali awulidde mulanga ogwo, naye, bw’oba wali oguwulidde, tewali mulanga gwenkana mulanga gwa muntu alumwa njala. Bw’olaba maama n’omwana we, nga maama oyo tasobola kutambula nga munafu nnyo, nga akaana ke akato kafa, nga bambi kazimbye akabuto olw’enjala, n’owulira okusinda okuva mu mutima gwa maama oyo, n’olaba akaana ako akato nga obuba bwako buguddemu nga olaba njumbagumba zokka na lususu, nga n’ebibuno byaako byonna bipeeruse, nga bambi, tekakyayinza na kuvaamu ddoboozi, nga obuuso bukasowose mu kiwanga. Tewali mulanga nga mulanga gwa muntu alumwa njala na nnyonta.

69 Wabweru eyo mu malungu, bantu bameka abafudde olw’ennyonta! Nnina emboozi empitirivu, ze nsobola okubanyumiza ekiro kyonna, ezikwata ku bintu ebizze bibaawo mu ddungu. W’otuuka nga . . . w’olumwa ennyonta, ssetaani n’atuuka okukulaga e—ekiyenzeyenze. Mwali mubirabyeko wano, tekibeetaagisa kusooka kugenda mu Bugwanjuba okubiraba. Bw’oba otambula mu luguudo, n’olengera nga awali amazzi mu luguudo. Buli omu ku mmwe yali akirabyeko, mmwe abaali bavuzeeko emmotoka ku nguudo ennene. Ekyo kiba kiyenzeyenze nga tewali kiriwo. Gye buvuddeko wano, emyaka nga esatu oba ena egiyise, nnasoma ku mbaata, ezaabuuka okuva ku nsalo emu ey’eggwanga okudda ku ndala, ne ziraba ekiyenzeyenze ne zigenda zeerindiggula ennume y’ebigwo ku luguudo, nga zirowooza ziggwa mu mazzi. Zonna ne zisesebbuka, zaagwa ku luguudo, nga zirowooza zigwa mu mazzi, so nga kiyenzeyenze.

70 Emirundi emeka ssetaani gy’akoze ekintu kye kimu ekyo eri abantu, n’abawa ekiyenzeyenze ekiwuddiisa, ekitaliimu, kintu kyonna, okuggyako okukkiriza okw’okugeegeenya obugeegeenya. Abantu bangi leero bafuna eddiini eyeefaanaanyiriza nga entuufu, ne bagezaako okubaako ne kye bajingirira oba okwefuula nti waliwo ekiriwo naye nga si bwe kiri! Nga omukazi oli omuminsani eyagambye nti yalindanga okutuusa nga akakasizza. Ekyo tusaanye tukikole. Toyinza kukomawo n’oddamu n’okigezaako. Olina akakisa ka mulundi gumu gwokka, era olina Pulaani empanidike, n’olwekyo tusaanye tugoberere ebyo byennyini ebiri ku pulaani.

71 Omulanga gw’omuntu alumwa enjala, muwulirize, guba

mulanga gwa buyinike. Omuntu oyo aba afa. Era, nnyabula, singa tusobola okutuuka mu mbeera eyo, singa eggwanga lino lisobola okutuuka mu mbeera eyo ey'okulumwa ennyo enjala ku lwa Katonda! Lirina enjala embi ennyo okusinga n'amawanga nga Buyindi agalumwa enjala y'emmere ey'omubiri, eggwanga lino lirimwa enjala ey'omwoyo. Naye bw'olumwa enjala okumala ebbanga ddene, ekiseera kituuka ne weerabira nti enjala ekuluma.

⁷² Kiringa okukwata bbalaafu. Bwe weeyongera, awakutte bbalaafu, otuuka ekiseera n'onnyogoga nnyo, ate bwe wayitawo akaseera n'obuguma. Naye ekyo bwe kibaawo, obeera ofa! Era ogwo gwe mutawaana akawungeezi ka leero. Amakanisa gannyogoze nnyo ekisusse ne gatuuka n'okukwata bbalaafu, naye ne balowooza babuguma, olw'okuba n'obwa mmemba, so nga mu mwoyo bafa. Bafa! Naye tebakimanyi. Okukkakkana, nga agalamira nga yeebaka, nga ebibye bikomye. Takyayinza kuzuukuka, kubanga omusaayi gwe mu misuwa gye gwakwata.

⁷³ Kati, okulumwa ennyonta. Yesu yagamba nti, "Omusaayi Gwange kyakunywa ddala." Enjala y'Obulamu bw'eba ekuluma, enjala y'Obulamu, Yesu y'alina amazzi gokka agasobola okumalawo ennyonta eyo. "Mujje gye Ndi, mmwe mwenna abakooye era abazitowereddwa." Mu Kubikkulirwa, wagamba nti, "Leka oyo alumwa ennyonta ajje eri ensulo ey'amazzi ag'Obulamu anywe buwa." Bw'oba olumwa ennyonta nga oyagala Bulamu!

⁷⁴ Tulaba nga abekkaanya eby'omu bwengula bateebereza nti, mu kiseera kino ekisooka manya nga omwezi guno gutandika, okuva nga bbiri oba nga ttaano, oba ekiseera kyonna mu mwezi guno, bannabwengula Abayindi bateebereza nti ensi ejja kusesebbuka. Naye ab'empapula z'Abamerika ez'amawulire ne bakiziimuula. Ssikkiriza nti ensi engenda kusesebbuka, naye njamba nti kikyamu okukiziimuula. Kubanga, waliwo ekinaatera okubaawo olumu ku nnaku zino, ekifaananako n'ekyo, zi ssejjeendo ettaano omuli, Mars, Jupiter ne Venus, ne—n'endala, bwe zinaayingira mu—mu... Tezikikolangako. Weewaawo, bagamba oba oli awo zaakikola emyaka nga emitwalo ebiri n'ekitundu egyayita, naye ani yaliyo okukimanya?

⁷⁵ Nteebereza nga kino kirina amakulu ag'omwoyo. Nzikiriza nti ky'ekiseera ky'okujja kw'ensonga eyo eya Katonda, nti okubikkulirwa okw'ekitalo okw'Ekigambo kwa kubikkulwa mu kiseera kino. Mujjukire nti, bagamba waaliwo emmunyeenye ssatu ezaasisinkana awamu Yesu bwe yazaalibwa. Ate zino ziri ttaano, ate ttaano kitegeeza kisa, muwendo gwa kisa. Ssatu muwendo gwa kutuukirira. Ttaano muwendo gwa kisa, Y-e-s-u, e-k-i-s-a, o-k-u-k-k-i-r-i-z-a, n'ebirala. [Ebigambo bino bya nnyukuta ttaano mu Lungereza—Omuuvv.] Muwendo gwa kisa! Katonda bulijjo bw'aweereza amaanyi Ge eri ekkanisa,

kiba kijja kuba kisa Kye, so si buwulize bwa bantu. Era Isaaya yayogera, mu ssuula ey’o 4, engeri “y’okukaabira Yerusaalemi, nti olutalo lwe lwali luwedde,” so nga baalina omusango gw’okusinza ebifaananyi, naye kyali kisa kya Katonda ekyali kikiweereza. Katonda bw’abaako ekintu kyonna ky’atuweereza, kitegeeza kigenda kuba kisa Kye so si bulungi bwaffe. Kale, kyandiba ne kye kitegeeza. Nteebereza nti wajja kubaawo enkyukakyuka. Ssimanyi kinaaba ki, naye nzikiriza nti kinaatera okubaawo. Tuli ku...tuli ku njegoyego zaakyo we twogerera.

⁷⁶ Era bwe wabaawo omuntu yenna alumwa enjala, leka ajje eri Kristo. Omuntu yenna bw’aba alumwa ennyonta, leka ajje eri Kristo. Amalawo ennyonta. Ye y’Amatiza ennyonta yaffe yonna wamu n’ejala.

⁷⁷ Nnina emboози gye nnawulira gye buvuddeko. Nnandiba nga nnali njogeddeko mu kkanisa eno. Bwemba nnali njogeddeko, munsonyiwe olw’okugiddamu okubaako ensonga ze nnambulula. Waaliwo omulunganyama w’abayise Omuyindi, manyanga, yali nga omulabirizi w’Abayindi. Yali atambula mu kitundu kya Navajo, naye, n’abula. Yali ayitibwa Coy. Era yali agoberera ekisinde, ekisinde ensolo kye zaaleka, muli n’aloozo nti, “Kati, singa ngoberera ekisinde kino, ddala nja kuzuula amazzi.” Era embalaasi ye yali efa enkalamata okutuusa nti n’olulimi lwali lugisowose, nga lukaze, nga n’ennyindo zaayo zimyukiridde zonna zijjudde omusenyu. Yali yebikkiridde akatambaala ku maaso okuyita mu mbuyaga ezirimu omusenyu okutuusa konna lwe kajjula omusenyu, era yali asaanawo, olw’okubulwa amazzi. Era yali akulembeddemu embalaasi ye we yalabira ekisinde kino. N’agamba, bwe yebagala embalaasi n’alaba ekisinde ky’ensolo z’omu nsiko kino, yagamba nti, “Mazima ddala kijja kuntuusa awali amazzi.” Kye yava abukira embalaasi ye n’atanula okugoberera ekisinde ekyo.

⁷⁸ N’embalaasi yakitegeera nti ekisinde kye yali ekutte kyali kibatuusa wali mazzi. Nga kyewuunyisa engeri Katonda gy’awa okutegeera eri ensolo ezitayogera! Bw’etyo n’egenda nga egeberera ekisinde. Oluvannyuma, ne wabaawo obukubo obutono obukyama, katonno nnyo okuva ku kkubo ly’ekisinde. Embalaasi n’eyagala okubukwata, naye Coy n’atagiganya. N’agezaako okugikumira mu kisinde ekinene, n’agezaako okugiragira naye embalaasi n’egaana okugenda. N’agikuba obuuma bw’oku ngatto ye, naye n’ekaaba nga etambula bw’edda mu kkubo eddala. N’etandika okuwalira nga bw’eyimusa amagulu g’omu maaso. Naye nga nnaifu nnyo tesobola kumwekunkumulako.

⁷⁹ Kye yava addamu n’agikuba obuuma obwo ku ngatto ye, okutuusa lwe yasala embalaasi, nga awulira ayagala kimu kutuuka wali mazzi, asobole okutaasa obulamu bwe,

embalaasi n'etuuka n'eyimirira, nga yonna ekankana, evaamu omusaayi. N'atunula wansi, n'atunula wansi awo, nga eri awo bambi ekankana mu ngeri *eyo* nga ejula na kugwa wansi nga agituddeko. N'agitunuulira, n'alaba omusaayi mu mbiriizi zaayo. Yali musajja Mukristaayo. Kye yava agamba embalaasi ye, nti, "Bulijjo mbaddenga mpulira mbu ensolo z'omu nsiko . . . manya, ensolo ziba n'okutegeera okw'obutonde. Naye nze akakubo ako akakyama tekandabikira nga akabade kagenda awali amazzi. Nze ndaba nga ekkubo lino eddene lye bakwata bulijjo okugenda awali amazzi, naye," n'agamba nti, "nga bw'ompeesenga obulungi ebbanga lino lyonna, ηenda kugoberera okutegeera kwo okw'obutonde."

⁸⁰ O, ekyo bwe nkirowozaako nga kindeetera okulowooza ku Kristo! Ekkubo erigenda mu kuzikirira lirabika bulungi era litemagana, naye waliwo akakubo akafunda akagenda mu Bulamu. Batono nnyo abalikalaba. Mwoyo Mutukuvu, yekka, y'anaakukyama awali amazzi ago ag'Obulamu, so si kutegeera kwo okw'obutonde. Ndowooza, bw'Aba ankulembedde n'antuusa wano wendi awatali kabi konna, nja kumwesiga ne mu kitundu ky'olugendo ekisigaddeyo.

⁸¹ Okubamalirayo emboози, yali—yali tannatambulako na lugendo luweza kitundu kya mayiro, agenda, okugira ati, nga embalaasi eyo eyamutambuzanga yebbise mu kinnya ky'amazzi ekinene. Embalaasi yali emanyi ky'eyogerako, yali emanyi kye yali etegeeza mu ngeri yaayo eri—eri omugoba waayo. Naye ne yebbika mu kinnya ky'amazzi. Yagamba nti yayiwa amazzi mu nnyindo y'embalaasi. N'anaaba, n'aleekaana n'awoggana, era n'aleekaana waggulu, nga bwe yeekantakira amazzi, nga bw'aleekaana nti, "Tuwonnye! Tuwonye! Tuwonye!" N'embalaasi, n'enywa, nga bw'ekankana. N'agitunuulira mu mbiriizi awaali watiiriika omusaayi, olw'enkwagulo z'obuuma bw'oku ngatto.

⁸² N'agamba nti mu kaseera ako, agamba . . . yawulira omuntu nga agamba nti, "Vva mu mazzi." N'ayimusa amaaso, nga waliwo omuvubuka omulaalo nga endabika ye si nnungi nga ayimiridde awo. Bw'atyo n'avaayo mu mazzi. Agamba nti n'awunyirirwa olusu lw'omuliro, agenda okulengera erudda, nga waliwo ekibiinja ky'abasajja abaali basiisiddewo. Baali banoonya byabugagga bya mu ttaka. Baali bafunye zaabu, era bwe baali bavaayo baasooka ne basimba embalaasi zaabwe, ne bajja ku nsulo eno ey'amazzi okuwummulamu, era bonna baali batamidde.

⁸³ Era yagamba nti baalina omuyiggo gwe baali bookya, bw'atyo n'abegattako n'alya nabo. N'agamba nti, omu ku bo kye yava amugamba nti, "Kwata eky'okunywa." N'abeeyanjulira, n'abagamba ye Jack Coy, omusajja Omuyindi a—alunnamya abayise. Oli kye yava amugamba nti, "Kati, nno, kwata eky'okunywa."

N'agamba nti, "Nedda," n'agamba nti, "Ssinywa mwenge."

⁸⁴ Ate eri abantu abo oba nga abavumye. Kye yava amugamba nti, "Olina okunywa ku ky'okunywa kyaffe!"

N'agamba nti, "Nedda, ssinywa mwenge."

⁸⁵ Kye yava akasuka jaaga waggulu, n'agamba nti, "Kwata ggwe eky'okunywa!" Nga bonna, batamidde, nga bwe mumanyi, abasajja nga mukaaga.

Kye yava abagamba nti, "Mwebale, bavubuka."

⁸⁶ Ne bamugamba nti, "Omuyiggo gwaffe bwe guba gubadde mulungi okulya, omwenge gwaffe nagwo mulungi okunywa."

⁸⁷ Era mumanyi bwe babeera, nga batamidde. N'agamba nti, "Nedda," bw'atyo bwe yagamba.

⁸⁸ Kye baava bawanga essasi mu mmundu, ne bamugamba nti, "Kati nno ku bibiri ogenda kunywa oba si ekyo!"

⁸⁹ N'agamba nti, "Nedda. Nedda, ssija kunywa." Oli n'atanula okumugezaamu emmundu. Kye yava amugamba nti, "Lindako katono." N'agamba nti, "Ssitya kufa." N'agamba nti, "Ssi—ssitya kufa." N'agamba nti, "Naye nga ssinnafa nja—njagala mbanyumize emboози yange, mutegeere ensonga lwaki ssinywa mwenge." N'agamba nti, "Ndi nzaalwa y'e Kentucky." N'agamba nti, "Era lumu ku makya mu kayumba ak'embaawo, maama mwe yali agalamidde nga afa, yampita ku mabbali g'ekitanda kye, n'anqamba nti, 'Jack, kitaawo yafa akutte akapaketi ka matatu mu ngalo, n'endala ku mmeza, nga atamidde.' N'anqamba nti, 'Mu byonna by'okola, tonywanga omwenge, Jack.'" N'agamba nti, "Nnateeka emikono gyange ku mutwe gwa maama wange. Ne nsuibiza Katonda, nga nkalyi kalenzi ka myaka kkumi nti, ssirikomba ku mwenge." N'agamba nti, "Era ssigunywangako." Bwe yamaliriza n'amugamba nti, "Kati bw'oba oyagala okunkuba essasi, genda mu maaso olinkube."

⁹⁰ Kati omutamiivu aba ayimusa emmundu ye kye yava addamu n'akasuka jaaga, n'amugamba nti, "Gunywe oba si ekyo nqenda kukukuba amasasi!" Mu kaseera ako kennyini emmundu n'enasulwa era jaaga n'eyabika.

⁹¹ Ku mabbali g'oluwonko erudda eri waaliyo omuvubuka omulaalo eyaliko obulemu mu ndabika ye, nga amaziga gakulukuta ku matama ge. N'agamba nti, "Jack, nange ndi nzaalwa ya Kentucky. Nange lumu nnasuubiza maama, naye ekisuubizo kyange nnakimenya." N'agamba nti, "Obwedda nninze abasajja bano batamiire bulungi, era bonna mbadde nqenda kubatta, mbamalewo, ntwale zaabu gwe balina." N'agamba nti, "Naye mbadde mutamiivu era nkoze ebikyamu bingi. Naye," n'agamba nti, "Nkakasa emmundu bw'evuze ewuliddwa mu Ggulu, era maama ampulidde nga nkola obweyamo ssiriddamu kunywa mwenge." Era mu kaseera ako,

olw'ekisa kya Katonda, abantu abo bonna yabakulembere eri Kristo, bonna nga bwe baali awo.

⁹² Mukiraba, waliwo ekintu eky'enjawulo ekiri ku mazzi, ekintu ekizza obuggya. Ensonga yange ebadde, kufuna mazzi nga olina enkalamata. Wabaawo eky'enjawulo kye kikola mu ggwe, bw'ofuna amazzi nga obadde n'enkalamata.

⁹³ Kati, Yagamba nti, "Emirembe Gyange mbalekera. Emirembe Gyange Ngibawa." Si nga ensi bw'ekuwa emirembe, naye nga Ye bw'akuwa emirembe. Emirembe gye gimalawo ennyonta yaffe. Bwe tuba tuyaayaanira emirembe, leka twezze buggya mu mirembe Gye, okumanya nti tulina emirembe ne Katonda okuyita mu Mukama waffe Yesu Kristo. Ye y'atuwa Emirembe egimalawo ennyonta yaffe.

⁹⁴ Olunyiriri olugamba nti Ye Kyakulya ddala era Kyakunywa ddala. Nulina wano we nnalambe, ku lunyiriri olwa 57, "Eky'okulya ddala era Eky'okunywa ddala." Muwulire kye Yayogera wano.

Era nga Kitange omulamu bwe yantuma, Nange bwe ndi omulamu ku bwa Kitange: bw'atyo andya ye, aliba mulamu ku bwange.

⁹⁵ Amakulu nti, "Kitange yantuma, era Ndi mulamu ku Bubwe. Na buli muntu ajja eri Kristo ateekwa kuba mulamu ku bwa Kristo." Ha, bannange, kiikyo, okwo kwe kussa ekimu. Okwo kwe kussa ekimu okwa nnamaddala kw'ofuna bw'obeera omulamu ku bwa Kristo.

⁹⁶ Kaakati emibiri gyaffe gyetaaga eky'okulya n'eky'okunywa buli lunaku, okusobola okubeera abalamu, emibiri gyaffe egy'ennyama. Bwe tutalya mmere buli lunaku na kunywa, emibiri gyaffe ginafuwa. Waliwo ekintu mu ffe ekitunbanja okulya emmere. Emmere y'olunaku olumu tejjja kubeerawo kutuusa lunaku luddako. Olina okulya emmere buli lunaku, okusobola okuwa omubiri gwo amaanyi. Osobola okubeerawo okutuusa enkeera, naye obeera onafuye. N'olunaku olw'okubiri, weyongerera okunafuwa. We lutuukira olunaku olw'okusatu, obeera onafuyidde ddala.

⁹⁷ Naye, emirundi mingi ekyo kye tukola mu mutendera ogw'omwoyo. Olaba, buli lunaku tulina okussa ekimu ne Kristo. Tulina okwogera Naye buli lunaku. Tulina okugoonjoola Naye ensonga buli lunaku. Pawulo yagamba nti, "Nfa buli lunaku." Okiraba? "Nfa, buli lunaku; weewaawo ndi mulamu, naye si nze mulamu wabula Kristo ye mulamu mu nze." Kati, omubiri gwo ogw'ennyama bwe guba gwetaaga eky'okulya buli lunaku n'eky'okunywa buli lunaku, okusobola okuba omulamu, n'omubiri gwo ogw'omwoyo gwetaaga Eky'okulya eky'omwoyo n'okussa ekimu ne Mukama waffe buli lunaku, okusobola okuba omulamu. Weewaawo. Yesu yagamba nti, "Omuntu taabenga mulamu na mmere yokka, wabula na buli Kigambo ekiva mu

kamwa ka Katonda.” N’olwekyo, buli lunaku tulina okuyiga Bayibuli. Abantu abamu tebagisomerako ddala n’akatono. Abamu bagikwatako emirundi nga ebiri oba esatu mu mwaka. Naye, omukkiriza yennyini, owa nnamaddala, eyazimbibwa obulungi mu mwoyo, asoma Bayibuli ye buli lunaku, era n’ayogera ne Mukama. Bwe kiri. [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.] Ateekwa okukikola. “Omuntu taabenga mulamu na mmere yokka, wabula na buli Kigambo ekiva mu kamwa ka Katonda.”

⁹⁸ Kati, esonga endala lwaki tulya emmere, kwe kuzimba emibiri gyaffe gisobole okuziyiza endwadde. Bw’otalya mmere, n’oleka omubiri gwo ne gunafuwa, guba gujja kulumbibwa endwadde. Endwadde zijja kuwaguza ziyingire mu musaayi, era ekinaddirira kujja kuba kufa. Omusaayi gwo bwe gutabaamu biriisa bimala era nga mulongoofu, ekinaddirira, kijja kuba, ndwadde kuyingira mu musaayi gwo. N’olwekyo olina okulya emmere ennungi erimu ebiriisa ebizimba omubiri okusobola okukuuma omusaayi gwo nga mulamu bulungi. Bw’otakikola, obeera ojja kulumbibwa endwadde entakera. Ogwo gwe mutawaana oguli ku Bakristaayo abasinga obungi.

⁹⁹ Balinga ebimera ebirimibwa mu mayumba okusobola okufuna ebbugumu eggere. Omanyi, bw’obeera n’ekimera kyonna ekirimibwa mu nnyumba, olina kukiwembejja buwembejja. Kyo tekimanyi bya mbeera ya budde. Tekimanyi bya musana n’ebyo ebirala, kiba kyabikkibwaako era nga kiwembejjebwa. Era ogwo gwe mutawaana oguli ku bangi abeeyita Abakristaayo, balinga bimera ebyo ebirimibwa mu nnyumba. Bwe kiri, birumbibwa buli kawuka akajja! Mukimanyi bulungi nti, e—e...Ebimera byokka—ebimera eby’okwegendereza ennyo bye byokka ebyetaaga okufuuyirwa, manyanga, ebimera eby’ensigo ennongooseemu.

¹⁰⁰ Mukimanyi nti, ssinga okwata ente enzungu ey’ekika kya Hereford n’ogita egende mu ddundiro erye omuddo, n’oteekayo n’ey’amayembe amawanvu, ente eyo ey’amayembe amawanvu esobola okubeerawo kubanga ya lulyo luli nnakabala. Naye ggwe kwata ente ey’ekika kya Brangus oba ey’ekika kya Hereford nga maleeto era ey’olulyo olulongooseemu, weewaawo erabika bulungi, mazima ddala, eba ngimu era nga erabika bulungi, naye kakutande oziteeke mu ttale, tezisobola kubeerawo ku bwazo. Zijja kufa! Zirina kuwembejjebwa. Mukiraba?

¹⁰¹ Era ogwo gwe mutawaana gwe tulina leero, tulina Abakristaayo abasingayo okwambala obulungi, tulina amakanisa agasingayo obunene, wamu n’o—obuyigirize bungi, n’okusoma eby’eddiini okuyitirivu, naye balina kuwembejjebwa ekiseera kyonna, olina kulaba nga bwe balaba bw’otakikola okusinzira ku bo tolabirako ddala. Kye twetaaga be Bakristaayo nnakabala, abaazaalibwa wansi w’Omuusaayi gwa Mukama

waffe Yesu, abateesigama ku njigiriza ya kkanisa okubeera abalamu, naye abeesigama ku Kigambo kya Katonda okubeera abalamu, okussa ekimu ne Kristo. Ekigambo bwe kiyingira mu mukkiriza, omubiri gwe—gwe ogw'omwoyo guzimbibwa. So tabeera mwana wa kuwembejja buwembejja!

¹⁰² Leero waliwo omuweereza omu eyagambye nti, nnamuwulidde, nga ayogera ku mpewo, yagambye nti, we yajjira mu ggwanga lino, yali atawanyizibwa obulwadde bw'ekiwanga okukamala, era baali baagala kumulongoosa. Era baagamba nti baali bagenda kukola *kino* na *kiri*, bamusale era bamulongoose, bamuggyemu obwo obutundu bw'omubiri obulwaza ekiwanga, ekyandimuviiiriddeko obwenyi bwe okugwamu, n'ebirala bwe bityo. Era yagambye nti yatuuka n'okumira amakerenda g'otayinza kubala muwendo. Nga kirabika yalina amakerenda mangi ge yalina okumira. Naye bwe yajja eri omusawo omulungi Omukristaayo, omusawo yamugamba nti, "Amakerenda leka tugeerabire n'eby'okulongoosebwa tubyerabire, naye ka tuliikirize omubiri tuguzimbe gusobole okulwanyisa endwadde y'ekiwanga." Ky'ekyo kyokka!

¹⁰³ Lwaki abantu tebakyawangaala nga bwe baawangaalanga edda? Tulina okukubwa empiso ya *kino* n'empiso ya *kiri*, n'okwefuuyira eddagala erya buli ngeri. Bikola ki? Bituleetera okugonda, ne tugejja, ne tuyiikayiika, naye nga tetuliimu kalungi. So nga omuntu ow'edda...Y'ensonga lwaki, tulumbibwa obuwuka obulwaza obwa buli ngeri. Kati batandise kufuna kusiiyibwa na kuzimbazimba mubiri n'ebirala.

¹⁰⁴ Nnaliko mu Afirika, nnali nnagaana okunḡema omusujja gw'ensiri. Naye ssinga ensiri erwaza omusujja yakoona ku mukono gwange, nnandikwatiddwa omusujja gw'ensiri. Ensiri ezo tezivuuma, oyinza n'obutakimanya nti eri ku mubiri gwo. Zikugwaako, ekukoonako bukoonyi n'egenda, ne kiggwa, nga ogufuna. Singa owangaala, obeeru nagwo okumala emyaka kkumi n'etaano. Naye ate oluusi otuuka n'okufa nga okyagulina. Naye waaliyo bannansi baayo nga bali mu busiisira bwabwe, nga ensiri zijja ne zibajjula ku magulu, nga tebambadde na kwambala. Ensiri ne zibagwaako ne zibabeerako, ensiri ezirwaza omusujja gw'ensiri, naye nga tebeefiirayo. Lwaki? Baalina obuttofaali obw'amaanyi obuziyiza endwadde. Baalina mu bo eddagala erigema endwadde eryabaweewa Katonda.

¹⁰⁵ Era ogwo gwe mutawaana oguliwo leero oguli ku bantu. Ogwo gwe mutawaana ekanisa gw'erina. Tukubiddwa empiso nnyingi ez'okutugema wamu n'enjigiriza z'eddiini ezaagunjibwa abantu, ne tufuuyirwa ffenna. Kye twetaaga kwe kugemebwa Katonda nga tugemebwa Ekigambo kya Mukama Katonda. Ekyo ky'ekika ky'Emmere omuntu gy'alina okulya buli lunaku, okusobola okuzimba emmeeme ye okugitangira endwadde ez'omwoyo ezigenda nga zisaasaanira eggwanga lyonna.

Nkyalina bingi ebikwata ku nsonga eno bye nnawandiise, naye nnina okulekera awo.

¹⁰⁶ Kati, zimbibwa, weetegekere okugemebwa. Kati, tuba balamu lwa kino, emibiri—gyaffe giteekwa okufuna kino. Era, bwe tutakifuna tuba baakulumbibwa buli kika kya ndwadde. Nga ekyo ky'Ekigambo kya Katonda, bwe tukikkiriza era ne tukisembeza okuyita mu kussa ekimu nti, “Mukama, Ekigambo Kyo ge Mazima.”

¹⁰⁷ “Nze mu kkanisa yange bagamba tewetaaga kuzaalibwa mulundi gwa kubiri. Bagamba nti, ‘Okukwatagana mu ngalo kwe kuzaalibwa ogw’okubiri.’ Bagamba tulina, ‘Kumansira mazzi.’ Bagamba nti ebintu ebirala bino byonna, ‘By’ebituufu, Kitaffe, Mwana n’Omwoyo Omutukuvu.’” Naye Bayibuli egamba kubatizibwa mu Linnya Iya Yesu Kristo. Mukiraba? Kati, oli wa ddembe okugenda mu maaso n’ezo empiso enkolerere bw’oba oyagala, naye ojja kufuuka Mukristaayo mukolerere. Mukiraba? Ekyo tewandikyagadde.

¹⁰⁸ Tosobola kuba na Bulamu, okuggyako okuyita mu Kristo mwokka. Naye kati Ekigambo Kye kikola ki? Kizimba emibiri gyaffe egy’omwoyo, ne gibeera n’amaanyi, nga bwe tussa ekimu Naye, ne tusobola okuziyiza ssetaani.

¹⁰⁹ Oyinza okumbuuzwa nti, “Ow’oluganda Branham, ogambye kiki ekyo, ‘okussa ekimu mu Kigambo Kye?’”

¹¹⁰ Weewaawo, Ye Kigambo. “Ku luberyeberye waaliwo Kigambo, Kigambo n’aba awali Katonda, Kigambo n’aba Katonda. Era Kigambo n’ayambala omubiri n’abeerako gye tuli.” Era tulina kulya mubiri Gwe. Ate omubiri Gwe kye Kigambo Kye, kubanga Ye Kigambo. Era Yagamba, mu njiri y’Omutukuvu Yokaana 15 nti, “Bwe munaabeera mu Nze, n’okussa ekimu Kwange, Ekigambo kyange, ne kibeera mu mmwe, awo musobola okusaba kyonna kye mwagala era kinaabakolerwa.” Kiikyo. Ekyo kituufu. Olaba, musabe kye mwagala!

¹¹¹ Kiki ky’obeera okola? Obeera ozimba mubiri gwo kufuna kugemebwa okuva eri... Omuntu bw’ajja n’agamba nti, “Ha, ffe mu kkanisa yaffe tetukkiririza mu kuleekaana.” Olaba, obeera wazimbibwa. Kiba kiki? Obeera olina okussa ekimu mu ggwe, Ekigambo. Era obeera wagemebwa okuva eri eby’engeri eyo. Bwe wajja ebitaliimu makulu, bye biruwa? Bwe bitabaamu Kigambo, omanyirawo nti bikyamu. Ssifaayo oba birabika nga ebituufu okwenkana wa, bwe bitaba Kigambo byesonyiwe. Bwe kiri, byesonyiwe. Ssifaayo oba bikola ki, biteekwa okukkiriziganya n’Ekigambo!

¹¹² Mu kusaba, bwe nnabadde njogera ku Mikaaya bwe yali nga ayimiridde awo, nga yekkaanya, ddala kyalabika nga ekituufu, Isiraeri bwe baali bayimiridde buyimirizi awo, ate nga ekitundu ky’eggwanga ekyo kyali kyabwe. Abagwiira abo baali baja

ne bakibatwalako ne baakizimbamu n'amayumba gaabwe, era baali bezza ekitundu ky'ettaka Katonda lye yali yabawa. Kale kyalabika nga bannabbi Abaebbulaniya abo ebikumi ebina abaali abatuufu. Naye, omanyi, waaliwo ekintu eky'enjawulo eky'omwoyo ku Yekosofaati, yamubuuza nti, "Tolinaayo mulala yenna?"

¹¹³ N'agamba nti, "Nninayo omulala, naye," n'agamba nti, "Mmukyawa. Ekintu kyokka ky'akola kundagulako bibi byereere."

N'agamba nti, "Mugende mumuleete tuwulire ky'agamba."

¹¹⁴ N'ajja, n'amugamba nti, "Genda mu maaso, gendayo, naye nnalabye Isiraeri nga basaasaanye nga endiga ezitalina musumba." N'alyoka abawa okwolesebwa kwe yalabye.

¹¹⁵ Kati, ani mutuufu? Kyalabika nga ebikumi ebina abaali abatuufu. Abasajja ebikumi bina abatendeke obulungi, ne bagamba nti, "Genda mu maaso, Mukama ali naawe." Okutuusa nti Zeddekiya yalina ne—ne—ne—yalina ne... Zeddekiya yali yeekolera n'amayembe abiri ag'ekyuma. Yamugamba nti, "Gano g'olikozesa okutwalaganya abagwiira abo okubajja mu kitundu ekyo." Yali mukakafu nti yali mutuufu. Yali amanyi mutuufu. Naye, olaba, yali mukyamu.

¹¹⁶ Naye ate wano, Mikaaya, omuntu omu nga awakanya abantu ebikumi bina, n'amugamba nti, "Bwe kakutanda n'ogendayo, Isiraeri ejja kusaasaana, nga terina musumba."

¹¹⁷ Bali abalala baamugamba nti, "Gendayo, Mukama ali naawe!" Kaakati, ku nsonga ekwata ku bintu, baali batuufu, ekitundu ekyo kyali kya Isiraeri. Naye Ekigambo kya Katonda kyali kyalalira Akabu omusango, kati Katonda yali ayinza atya okuwa omukisa kye Yakolimira?

¹¹⁸ Ky'ekyo ne leero. Mukiraba? Ekigambo ky'okussa ekimu kyali mu Mikaaya. Kati, bw'oba ossa kimu ne Katonda mu kulya okussa ekimu okutuufu, naye nga omwoyo akulimu takkiriziganya na Kigambo kino, obeera tossa kimu na Katonda, obeera ossa kimu na mizimu. Ate gigeegenya okukamala! Bayibuli egamba nti, "Mu nnaku ez'oluvannyuma gyandikyamizza n'Abalonde bennyini ssinga kyali kisoboka. Naye eggulu n'ensi biriggwaawo, naye Ekigambo Kyange tekiriggwaawo." Era bwe... Pawulo yagamba, mu Abaggalatiya 1:8 nti, "Ne bw'aba malayika avudde mu ggulu ssinga abuulira enjiri endala eyawukana ku Eno gye mwawulira, akolimirwe." K'abeere malayika! Mu kkanisa eyasooka, abasajja abo, nga Omutukuvu Martin, Irenaeus, abasajja abo abaali batya Katonda, ssetaani bwe yeeyolekanga nga malayika ow'ekitangaala. Naye, bwe weetegerezanga, yabanga alina engeri gy'ayawukana ku Kigambo.

¹¹⁹ Yalabikira Kaawa nga malayika ow'ekitangaala, n'amugamba nti, "Mazima, Mukama yagamba *bw'ati*, Mukama

yagamba *bw'ati*,” naye yayawukana ne Katonda ku nkomerero. Era n'okussa ekimu okw'obulimba bwe kuli leero. Abantu bwe balowooza nti basaba Katonda, naye nga tebagondera Kigambo, kuba kussa kimu kwa bulimba.

¹²⁰ “Bwe mubeera mu Nze, n'Ekigambo Kyange mu mmwe, awo musabe kye mwagala,” mukiraba, “era kinaabakolerwa.” Kati, toyinza kukigondera mulundi gumu, ate omulundi omulala n'otakigondera. “Mubeere mu Nze, n'Ebigambo Byange bibeere mu mmwe,” kitegeeza, musigale awo. *Okubeerera* kitegeeza “okuwummulira awo, okusigala awo wennyini.” Weewaawo, kwe—kwe kugemebwa okuva eri endwadde z'ekibi.

¹²¹ Kati, leka mmalirize nga njogera ekigambo kino kaakano, nga tetunnagenda ku mmeza ya kussa kimu. Omusaayi n'Omubiri gwa Mukama waffe, nga bigattiddwa wamu n'okukkiriza, ebyo nga gwe Musaayi n'Omubiri, ogwo gwe Mwoyo n'Ekigambo, nga bigattiddwa wamu n'okukkiriza, bivaamu Obulamu Obutaggwaawo. “Oyo alya Omubiri Gwange n'anywa n'Omusaayi Gwange alina Obulamu Obutaggwaawo, era Ndimuzuukiza ku lunaku olw'enkomerero.” Kiikyo. Kye kiki? Kwe kussa ekimu kwa Mukama waffe. Ekigambo n'Omwoyo, Obulamu bunu buli mu Musaayi, Ekigambo n'Omwoyo bivaamu Obulamu Obutaggwaawo, olw'okukkiriza mu Mukama waffe.

¹²² Kuno kwe kusaba kwange, nga bwe ndaba enkomerero nga esembera era nga ndaba, nti eddakiika yonna, wandibaawo ekibaawo, era nga mmanyi nti tetuli wala nnyo n'Okujja kwa Mukama waffe nsaba nti:

Ayi Mukama, mu Linnya lya Mukama waffe Yesu, Omwana wa Katonda, nsaba ntwale Ekigambo, Ekitala, nkiwuube n'okukkiriza kwonna kwe nnina, mpaguze okuyita mu buli maanyi ga mizimu, okutuusa lwe nnaalaba Yesu, olw'okussa ekimu kw'Ekigambo Kye.

¹²³ Ssa kimu n'Ekigambo Kye. “Bwe mubeera mu Nze, n'Ekigambo Kyange mu mmwe, munsabe kyonna kye mwagala era kinaabakolerwa.” Nga kirungi nnyo! Okwo kwe kussa ekimu okwa nmaddala n'Ekigambo wamu n'Omwoyo, wamu n'okukkiriza okubiwuubira awamu nti, “Musabe kye mwagala, era kinaabakolerwa.” Ka tusabe.

¹²⁴ Kitaffe Omutukuvu era Katonda ow'ekisa era ow'Ekitiibwa, NDI omukulu, El Shaddai, eri Ibulayimu. Ai Katonda, okussa ekimu kuno okukulu okwa Mukama waffe nga mu kwo mwe muva Obulamu Obutaggwaawo, era nga kutugema eri amalala, nga kutugema eri obutakkiriza, nga kutugema eri ekibi ky'ensi! Kussa kimu, okw'okwagala kwa Katonda ne Kitaffe ow'omu Ggulu. Era ku lw'obutuukirivu bwa Yesu Kristo tulina olukusa okujja ku mmeza eno. Era tukusaba, ayi Mukama, Otuwe buli omu ku ffe okukkirizibwa akawungeezi kano,

okuyingira mu Mwoyo. Tusonyiwe. Twagala n'emibiri gyaffe egy'omwoyo gikule. Tetufaayo ku bya kubaako kkanisa kwe twegatta oba ekibiina ky'eddiini ekimu kwe twegatta. Twagala kuzimba mubiri ogw'omwoyo, gugemebwe eri ekibi, gutuuke mu mbeera nga tegukyalimu kuyaayaana kwa kukola kibi, Omwoyo Omutukuvu w'asobola okukwata Ekigambo Kye Ye n'akozesa emimwa gyaffe, n'akyogera nga kisu nga bwe Kyayogerwa mu kiseera kiri, kubanga Ye Mwoyo y'omu eyali mu Mukama waffe Yesu. Nkusaba, Okituwe, ayi Kitaffe.

¹²⁵ Obudde buggwaayo. Kye tutamanyi, lye ddi lwennyini, oyo asembayo lw'anaalokolebwa. Naye nkusaba akawungeezi kano, ayi Mukama, bwe wabaawo wano abatakumanyi nga Omulokozi waabwe, nsaba bakusisinkane akawungeezi kano nga bwe bajja eri amazzi gano ag'okubatizibwa, nga ekijjukizo, okwatula eri omubiri guno ogw'abakkiriza nti bakkiriza ebyogerwa nti Yesu Omunnazaaleesi yazaalibwa Maliyamu embeerera, era n'attibwa, nga akomererwa Pontiyo Piraato, Katonda n'amuzuukiza ku lunaku olw'okusatu, era nga atudde ku mukono ogwa ddyo ogw'Oyo Ali waggulu, akawungeezi kano, nga mulamu bulijjo okwegayirira ku lwaffe.

¹²⁶ Kikkirize, ayi Mukama, nti omuntu oyo y'omu, anaagondera ebiragiro bya Bayibuli ebigamba nti, "Mwenenye, buli omu ku mmwe, era mubatizibwe mu Linnya lya Yesu Kristo olw'okuggyibwako ebibi byammwe. Kubanga tewali linnya ddala wansi w'Eggulu eryaweebwa abantu mwe bateekwa okulokolebwa." Ai Katonda, leka abantu balabe obwesimbu bw'ekyo, n'Ekigambo ekinywevu nti, "Tewali linnya ddala wansi w'Eggulu eryaweebwa abantu mwe bateekwa okulokolebwa, okuggyako mu Linnya lya Yesu Kristo." N'olwekyo, omutume kye yava agamba nti, "Mwenenye, buli muntu mu mmwe era mubatizibwe mu Linnya lya Yesu Kristo olw'okuggyibwako ebibi, munaaweebwa ekirabo nga ye Mwoyo Omutukuvu. Kubanga ekisuubizo kiri eri buli mulembe, eri abo bonna Mukama Katonda waffe b'aliyita." Kkiriza, ayi Mukama, wabeewo bangi abayitibwa akawungeezi kano.

¹²⁷ Era Mukama waffe, yagamba nti, "Tewali muntu ayinza kujja gye Ndi okuggyako nga Kitange y'amuwaludde, era abo bonna Kitange be yampa balijja gye Ndi. Endiga Zange ziwulira Eddoboozi Lyange." Omugenyi, era omugenyi bw'ayogera, eddoozi eritali mu byawandiikibwa, mangu ddala endiga zijja kulitegeera. Ai Katonda! Naye bwe liba Ddoozi Lyo, Bayibuli, ky'Egamba, buli ndiga ejja kuliwulira, kubanga Mmere ya ndiga. Bafunye okussa ekimu. Bamanyi ekika ky'Emmere Kitaffe gy'agabula. "Omuntu taabenga mulamu na mmere yokka, wabula na buli Kigambo ekiva mu kamwa ka Katonda." Kikkirize, ayi Mukama, wabeewo bangi abanaalaba era bategeere, era bajje gy'Oli akawungeezi kano.

¹²⁸ Abo abatalina Mwoyo Mutukuvu, leka baleme

kukyongezaayo ssaawa ndala yonna. Mu ssaawa endala obudde bwandiba ekikeerezi ennyo. Bayinza obutaba wano.

¹²⁹ Era, Kitaffe, nga bwe tukunjaanye okwetoolola emmeeza okulya omugaati guno ogukiikirira omubiri Gwo ogwamenyebwa, tusaba nti bwe wabaawo ekibi mu makkati gaffe, Mukama, tusonyiwe. Wagamba nti, “Bwe mukunjaananga, mulindaganenga.” Ayi Katonda, bwe waba waliwo ekibi mu kibiina kino, awantu wonna, nsaba nti Omusaayi gwa Yesu Kristo gwawule omusajja oyo okuva ku kibi kye, oba omukazi oyo, omulenzi oyo oba omuwala oyo. Era, Kitaffe, nange nneesabira, nti Onjawule okuva mu buli kubuusabuusa kwonna, buli kibi, buli butakkiriza, buli kintu kyonna... Tumanyi nti obutakkiriza kibi. Ky’ekibi kyokka. “Oyo atakkiriza nga omusango gumaze okumusinga.” Era ekibi kyokka, bwe butakkiriza Kigambo kya Katonda. Era, Kitaffe, bwe wabaawo obutakkiriza bwonna mu nze, nsonyiwa, Ai Katonda, ate nga nkimanyi nti mwebuli bungi, era nkusaba Onsonyiwe. Sonyiwa ekibiina kyange ky’Ompadde akawungeezi kano, era obaliise Ekigambo. Kikkirize.

¹³⁰ Era nga bwe tulya ebijukizo bino eby’omubiri ogwabetentebwa ogw’Oyo Eyazuukizibwa okuva mu bafu era nga mulamu emirembe gyonna mu makkati gaffe, tusaba tufune okussa ekimu okuva gy’Ali, ayi Mukama, okussa ekimu okw’Omwoyo Omutukuvu. Kituwe, ayi Kitaffe. Tusabye mu Linnya lya Yesu. Amina.

¹³¹ Kati, eri mmwe abateekwa okugenda nga temukyasobola kubeerawo mu kussa kimu kumala ddakiika nga kkumi na ttaano...Tetuli bangi, kale tugenda kulya okussa ekimu. Si kussa kimu kw’abalondemu. Kwa buli Mukristaayo omukkiriza. Katonda talina lukoloboze lwawula Mubaputisiti na Mumesodisiti, n’abalala. Ffenna, okuyita mu Mwoyo omu, twabatizibwa okuyingira mu Mubiri gumu, era tuli batuuze ab’Obwakabaka bwa Katonda. Kati mu makkati gaffe bwe mubaamu omugenyi, sitera kubeera wano, kale simanyi bammemba n’abatali bammemba. Jjukira nti, si nsonga oli wa kkanisa ki, ekyo tekikirinaako kakwate konna. Ndaba, waliwo Ekkanisa emu yokka, ate togyegattako bwegassi, wabula ogizaalibwamu buzaalibwa. Bwe kiri. Era ozaalibwa buzaalibwa okuyingira mu Kkanisa ya Katonda eno. Era tusaba osembeze Kristo akawungeezi kano, osse kimu Naye nga bwe tujjukira omubiri Gwe ogwabetentebwa, n’ebintu bino ebitono bye tulya, eby’okuyitako, era leka Katonda amansire ku mitima gyaffe ne ku kutegeera kwaffe Omusaayi.

¹³² Kati bagenda kuleeta eby’okussa ekimu, era kati tugenda kusoma okuva mu Bakkolinso Ekisooka, essuula ey’e 12. Era tugenda kulya okussa ekimu amangu ddala oluvannyuma lwa kino, era tukkiriza nga Katonda anaabawa omukisa ogw’omuyiika. Kale amangu ddala nga kino twakakisoma,

manya nga tetunnakisoma, bw'oba olina okugenda, osobola okufuluma mpolampola. Ate okomewo obeere naffe ku Lwokusatu akawungeezi, ne ku Ssande ku makya ne ku Ssande akawungeezi. Bw'oba osobola okusigalawo n'olya naffe okussa ekimu, tunaakusanyukira. Ate amangu ddala nga ekyo kiwedde, wajja kubaawo emmeeza ya Mukama. . . wajja kubaawo okubatiza, okunaabaawo mu ddakiika nga kkumi na ttaano, oba abiri ekinene ennyo, bwe ndwoowa. Abakkolinso Ekisooka essuula ey'e 11, olunyiriri olw'a 23.

. . . nze nnaweebwa eri Mukama waffe era ekyo nange kye ntabawa mmwe, Nga Mukama waffe Yesu mu kiro kiri. . . kye yaliirwamu olukwe yatoola omugaati:

Ne yeebaza, n'agumenyamu, . . . n'ayogera nti Mutoole, era mulye: guno gwe mubiri gwange oguli ku lwammwe: mukolenga bwe mutyo olw'okunjukiranga nze.

Era n'ekikompe bw'atyo, bwe baamala okulya, ng'ayogera nti kino ky'Ekikompe eky'endagaano empya mu musaayi gwange: mukolenga bwe mutyo buli lwe munaagunywangako, olw'okunjukiranga nze.

Kubanga buli lwe munaalyanga ku mugaati guno ne lwe munaanywanga ku kikompe, munaayolesanga okufa kwa Mukama waffe okutuusa lw'alijja.

N'olw'ekyo buli ataalyenga ku kino. . . ky'anavanga azza omusango ogw'omubiri n'omusaayi gwa Mukama waffe, buli anaalyanga ku mugaati n'anywanga ne ku kikompe kya Mukama waffe nga tasaanidde.

Naye omuntu yeekerenga yekka alyoke alyenga ku mugaati bw'atyo era anywenga ne ku kikompe.

Kubanga alya era anywa nga tasaanidde, alya era anywa musango gwe ye, bw'atayawula mubiri gwa Mukama waffe.

Mu mmwe kye muvudde mubeeramu abangi abanafu n'abalwadde, era bangi. . . abeebaka.

Naye singa twesalira omusango ffeka, tetwandisaliddwa musango.

Naye bwe tusalirwa omusango, tubuulirirwa Mukama waffe, tuleme okusingibwa omusango awamu n'ensi.

Kale baganda bange bwe mukunghananga okulya mulindaganenga.

¹³³ Kati, ka tubeereko n'akaseera ak'okusaba mu kasirise buli omu ku ffe, munsabire nga nange bwe mbasabira. [Ow'oluganda Branham asaba mu ddooboozi ettonotono—Omu]. . . ? . . .

Tusaba otuwe bye tusabye, ayi Katonda Ayinza byonna. Tusonyiwe okwonoona kwaffe nga naffe bwe tusonyiwa abatukola obubi. Tusabye mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina.

¹³⁴ Ebitereke bino birimu mugaati ogutaliimu kizimbulukusa ogukoleddwa awatali butto, ogutaliimu kirungo kyonna, n'ebirala, ogukiikirira omubiri gwa Mukama waffe. Si mwekulungirivu, wabula gukutuddwakutuddwamu obutundutundu. Kubanga gukiirira omubiri Gwe ogwabetentebwa ku lwaffe. Era nsaba Katonda awe emikisa Gye eri buli omu anaagulyako. Kati, guno si gwe mubiri, wabula gukiikirira bukiikirizi mubiri. Ssirina buyinza, era tewali muntu yenna alina buyinza, kugufuula kintu kiralala kyonna okuggyako omugaati. Katonda yekka. Era ekyo kye Yatugamba, yatugamba tulye omugaati guno era tunywe ku kikompe kino. Kaakano leka tukoteke emitwe gyaffe.


¹³⁵ Ayi Katonda Omutukuvu ennyo, nga ffe tuli baddu Bo, mu Linnya lya Yesu Kristo, tukuza omugaati guno olw'ekigendererwa kyagwo, okutuleetera okujjukira, nga bwe tugulya, nti Mukama waffe yakomererwa; era omubiri Gwe, ogw'omuwendo era omutukuvu nga bwe gwali, gwatusibwako ebisago eby'okukubwa kibooko okufumitibwa amaggwa n'okukomererwa emisumaali, ku lwaffe, ne kiba nti okuyita mu Mubiri Gwe ogwabetentebwa mwavaamu Omwoyo oyo atuwa Obulamu Obutaggwaawo. Naffe, ayi Mukama, tusaba nti nga bwe tulya omugaati guno, tufune ekisa okweyongerayo mu lugendo, nga Isiraeri kye baafuna ne batambula okumala emyaka makumi ana mu ddungu, nga tewali muyongobevu n'omu mu makkati gaabwe. Kitaffe Katonda, kituwe kino, nga bwe tukusaba Otukuze omugaati guno, ogutazimbulukusiddwa, olw'ekigendererwa kyagwo. Mu Linnya lya Yesu. Amiina.

¹³⁶ Ekikompe eky'Endagaano Empya, Omusaayi. Ndowooza ku luyimba olwo olugamba nti:

Okuva lwe nnalaba omugga ogwo
 olw'okukkiriza
 Ogwakulukuta okuva mu biwundu Byo,
 Okwagala okw'obununuzi gwe gubaddenga
 omulamwa gwange,
 Era bwe kunaabeeranga bwe kutyo okutuusa
 lwe ndifa.

¹³⁷ Bwe ndaba omusaayi guno, ezabbibu, omusaayi gw'ezabbibu, mmanyi nga gukiikirira Omusaayi ogwava mu mubiri gwa Mukama waffe Yesu. Leka buli agunywako afune Obulamu Obutaggwaawo, leka endwadde zaamuke emibiri gyabwe, obukoowu n'obuyongobevu, n'okunyigirizibwa, leka ssetaani (mu buli nkula yonna) abaamuke, basobole okuba n'amaanyi ag'ekitalo n'obulamu obulungi wamu n'Obulamu Obutaggwaawo, basobole okwakisa omusana gwabwe eri omulembe guno omubi era ogwakyama mwe tuli, okusobola okugulumiza Katonda.

¹³⁸ Kitaffe ow'omu Ggulu, tuwaayo gy'Oli ekibala ky'ezabbibu.

Mu Linnya lya Yesu Kristo, kitukuze, okusobola okukiikirira Omusaayi gw'Omwana Wo, Yesu, mu Gwo mwe tulina ekisuubizo nti, "Yafumitibwa olw'okusobya kwaffe, era olw'emiggo Gye twawonyezebwa." Kkiriza, ayi Mukama, Obulamu bujje gye tuli, Obulamu Obutaggwaawo mu bungi ddala, tusobole okukuweereza mu ngeri esinga ku bwe tubadde tukuweereza, tufune amaanyi n'obulamu obulungi okusobola okutambula okuva mu kifo okudda mu kirala gye tusuubira okugenda okukuweereza, yonna gy'Onaatutuma. Tuwe emikisa gino, tusabye mu Linnya lya Yesu. Amiina. 

62-0204 Okussa Ekimu
mu Kkuḡḡaaniro Iya Branham
e Jeffersonville, Indiana Amerika

LUGANDA

©2024 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. Box 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org

Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS

P.O. Box 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.

www.branham.org